Muteesa yabuuza Aboolukiiko nti:-

"Tubawe? Mmwe mugamba ki?"

Ab'Olukiiko baddamu nti:-

"Ssaabasajja, ffe tetumanyi ky'oyagala. Tuyinza okugamba nti tubawe, ate nga ggwe toyagala. Tuyinza okugamba nti tetubawa, ate nga ggwe oyagala okubawa. Ate ng'okimanyi Ssaabasajja nti gw'obajja gwe tulimisa, era w'olisimba evviivi, we tulisena amazzi ne tunywa. Ssaabasajja lamula!".

Muteesa yakyukira Mapeera n'amubuuza nti:-

"Muzaalibwa mutya? Bakazi? oba basajja be ba bazaala?"

Mapeera n'addamu nti:- "Bakazi be batuzaala"

Muteesa: "Bwe bamala okubazaala ne bakola batya?".

Mapeera: "Bwe bamala okutuzaala ne batuyonsa".

Muteesa: "Bwe mumala okuyonka?"

Mapeera: "Ne batuwa emmere ne tulya".

Muteesa: "Emmere eyo evaawa?"

Mapeera: "Tugirima mu ttaka".

Muteesa: "Oh! Ettaka ye nnyammwe abayonsa?"

Mapeera: "Ye Ssebo!"

Muteesa: "Mwakamala ennaku mmeka nga temulya bukya mutuuka wano?"



Mapeera: "Tetwosangamu nga tetulidde".

Muteesa: "Oyinza okusalako ebbeere lya maama wo n'oliwa Omugwira?"

Mapeera: "Nedda".

Muteesa: "Lwaki olwooza nti ffe tuyinza okubaguza nnyaffe?"

Mapeera teyaddamu n'asirika.

Muteesa n'akyukira Makaayi n'amubuuza nti, "Naawe oyagala ettaka?"

Makaayi: "Nedda".

Muteesa n'ayita Kawuuta n'amugamba nti:- "Bano bagabule. Bawe emmere balye, n'okunywa banywe".

Yabawa emiwumbo gy'emmere 12, n'ente namba. Oluvannyuma Muteesa yabaazika ettaka balimireko n'okukolerako emirimu gyabwe egy'okukulaakulanya Buganda. Yabagamba nti "Tuyinza okukwazika ekifo n'okolerawo ebibyo bwe biba nga bigasa Abaganda, kyokka okufuuka nnannyini w'akatundu konna ku ttaka lyaffe tekirisoboka" Bwe yabaazika, mpozzi ng'ettaka olwo era balitwala!.

Muteesa kye yatya kyatuukirira, anti olwamala okukkalira, Bungereza kwe kuleeta muno Abaserikale okulwanyisa Abaganda. Yakozesanga abaagwira abo okusanyaawo Buganda. Ekkubo ly'emmundu n'eddiini, Omuzunngu mwe yayita okukendeeza amaanyi ga Kabaka. Yatuwangula ng'ayita mu kutusomesa eddiini ye, empisa ze, ye nga z'ayita ennungi. Era yafuba nnyo tusuule obuwangwa bwaffe, ennono zaffe n'eddiini yaffe, ng'abiyita ebibi, ebitali bya mulembe era ebya Sitaani.

Bungereza okweyongera okusimba amakanda muno, yasindika Abakungu ba gavumeti wano mu 1893, era nga Ssebaaseka (Juuni) 19, 1894, Sir. Gerald Portal nga bali ne Bishop Tucker, baalangirira nga Buganda bwe yali efuuse nayo Protectorate. Olwo Buganda baali bagiggye mu Ofiisi y'Amawanga ag'Ebweru, ne bagizza mu Ofiisi y'Amatwale ga Bungereza. Eyo ye yali entandikwa y'okugaziya eggwanga Buganda. Buganda nga baagenda bagyongerako ebitundu ebigiriraanye, n'efuuka Yuganda eya leero.

Kyeyongera okutuukirira naddala ku mulembe gwa mutabani we Mwanga II. Abasomi bwe baamujeemera. Teebereza omuntu okuyimirira mu maaso ga Kabaka wa Buganda Mwanga n'amugamba nti:- "Yesu ye Kabaka!". Era Abasomi baasalawo okufa, nga bakkirizza okufiirira Yesu Kabaka wa bakabaka, okusinga okugondera Kabaka waabwe Mwanga II. Baasuubizibwa okuzuukira nga balamu okufaanana nga mukama waabwe Kabaka wa bakabaka gwe baali bagoberera, bwe yazuukira mu nnaku ssatu. Olw'okukkiriza kuno kwe baali bamaze okufuna, baasalawo okufa nga bazira era nga bamativu nti oluvannyuma lw'ennaku ssatu nabo baali baakuzuukira. Kye baava balagira abantu baabwe bateme omwenge gwe baali bagenda okunywa nga bazuukidde. Abantu bano baali tebakyakkiriza kulekayo kusoma olw'ebirungi bye baafunanga mu Bazungu, nga bisinga okukkiriza kwe baali bafunye. Bwe batyo baasalawo okujeemera Kabaka okusinga okufiirwa ebirungi bye baali bafunye, n'ebyo bye baali basuubira okufuna nga bazuukidde.

Kabaka Mwanga II yajjukira nga kitaawe Muteesa I bwe yayagala okukakasa obutuufu obwali mu bigambo kufa n'okuzuukira, nga yatta embwa ye n'agiziika. Oluvannyuma nga yayita Abazungu bajje basabire "omulangira" we eyali azaamye ng'amaze "okukkiriza" Yesu n'omutima gwe gwonna. Bo bambi nga bwe kisaana okubeera, bajja ne basabira omufu nga bwe tukitegeera ennaku zino. Kyokka ye Kabaka yalinda ennaku essatu, "omulangira" we azuukire. Bwe zaggwaako, nga gwe baali basabidde mu kwegayirira okungi Kabaka kwe yalaba, nga tazuukidde, n'amanya nga baamulimba, era bwatyo Muteesa yasalawo obutasoma ddiini yonna nga n'Eyekiyisiraamu gye yali amanyi agitwaliddemu. Bwatyo ne mutabani we Mwanga n'asalawo okugaana abantu be okusoma eddiini zonna. Bwe baagaana okuwulira ky'agamba, n'asalawo okwokya abantu be olw'obujeemu. Okutta abalwanyisa gavumenti kyali kyava dda, tekyatandikira ku Mwanga. Kiri buli wantu mu nsi yonna, era nakati kikyagenda mu maaso. Ng'oggyeeko abasomi abattibwa nga balangibwa okusalawo okugondera Bannadiini okusinga okugondera Kabaka waabwe, abantu beeyongera okufa olw'enzikiriza. Luno jjolyabalamu, Omwami Yusuufu Mukasa yali Mukulisitaayo omukuukuutivu nga y'akwatira Omulabirizi omuggo mu Kkanisa e Namirembe. Yali mulwadde wa sukaali. Lumu Abalokole aba Gugudde e Nnaakulabye baamubuulira enjiri n'amatira. Baamugamba akkirize abeegatteko bamusabire awone sukaali, Yesu nga y'amumuwonya. Yakkiriza ne bamusabira era muli n'awulira ng'awewuse, muli yalowooza nti yali awonye sukaali olw'okukkiriza. E Namirembe teyaddayo, era n'okufuna eddagala teyaddira! Sukaali yagenda mu maaso n'okulinnya okutuusa omulwadde lwe yagwa eri n'azirika obutaddamu kutegeera.



Yaddusibwa n'atwalibwa e Namirembe gye yafiira! Waaliwo wano eddiini y'Abamalaki, nayo yafiiramu abantu baffe bangi nnyo ddala. Bo baagambanga nti omuntu okulwala Katonda y'abeera ayagadde alwale. Okunywa eddagala nga kirabika nti kubeera kuwakanya Katonda butatuukiriza ky'abeera ayagadde kituuke ku muntu we gwe yeekolera. Bo tebaanywanga ddagala okutuusa omuntu lwe yafanga. Ekyo nga kiva mu nzikiriza. Kati awo twazzaawo Abajehova. Bano eddagala balinywa. Wabula omuntu waabwe bw'aggwaamu omusaayi, kikafuuwe okumuwa omusaayi gw'omuntu omulala. Waakiri afa, n'atakyusibwa musaayi.

Omuntu bw'atamiira eddiini n'agitamiira bwenge, muli amanyira ddala nti buli kimu kiba kisoboka okubeerawo ku lw'amaanyi ga Katonda.Buli ky'akola mu linnya lya Katonda, kivaamu ye nga bw'abeera akyagala. Akakasa nti bw'afiira mu kkubo lya Katonda, agenda mu Ggulu butereevu. Oyo okufa sikantu.

Waliwo abasomi abakwatibwa Obulaadi, abalala bakkako Mwoyo Mutukuvu, n'olaba nga mu mazima baliko ekipya ekibatuuseeko. Bano bombi okufaanana n'akwatiddwa Lubaale, bonna tebamanya bigenda mu maaso okutuusa ng'ekibadde kibakutte, kibaamuseeko. Tebajjukira na kiki kibaddewo. Wano omuntu bw'atuukawo, omatira nti oli bw'amala n'atamiira eddiini ye okusinga abalala bonna, abeera takkiriza kuguminkiriza kukola muli ky'awulira nti kikontana n'eddiini. Asobola okukola ekintu kyonna kasita muli awulira ng'akikola ku lwa ddiini ye. Abeera n'amaanyi mangi nnyo, nga muli awulira nti gava wa Katonda. Jihad n'entalo z'Ediini endala, awo we zattira abantu okubamalawo, nga bamanyi nti bwe bafiira mu ddiini, bagenda mu Ggulu butereevu.

Abasiraamu e Nateete ewa Kitunzi, nabo baalaga obuzira olw'okukkiriza. Baagogombolanga bumuli okutayirira bannaabwe, abamu beetayiriranga bokka n'akamuli. Kino kyabafuula abantu abazibu ennyo,era abazira okutwala ewala, ne batiibwa ennyo mu Buganda. Abantu kye baavanga bagamba nti, "Nsanze abasajja babiri, n'Omusiraamu omu" oba nti, "Yisa ennyumba bbiri, oyise n'ey'Omusiraamu, awo ng'otuuse". Amaka g'Omusiraamu go gaabeeranga mangu nnyo okwawula. Gaabeeranga n'ejjinja mu luggya nga waliwo ezzinzimiya (Bbuyi oba akadomola ak'ekyuma) erimu amazzi, n'emikalabanda. Omusiraamu omuyise olwabirengeranga, ng'akyama kutawaaza (okufuna ewuzu), kusaala, kulya oba kwebaka.

Abantu baalwananga entalo z'eddiini nga tebeebalira, nga bamanyi nti olufa bati nga balwanira eddiini yaabwe, nga e ggulu balifunidde ku mukeeka. Buli ludda lwalwananga awatali kulekera, wadde okusaasira. Ne bwe yabeeranga muganda we mu musaayi nga amutta kubanga si muganda we mu ddiini. Abasiraaamu baavadda nga beekuba obuwoowo, era nga bayita n'obubaane. Bwe beekwekanga, nga mukifo we babade wasigala wawunya akawoowo. Abalabe bwe baatuukanga bali webabade, nga bawunyirwa akawoowo, nga bagamba nti, "Bino ebikande biwunya Omuwadi", nga olwo bafungiza okulwana oba okudduka. *Bikandebiwunyoomuwadi* lyafuuka linnya kkulu nnyo mu Bajungute.

Omuntu okutta muganda we oba kkojja we olw'eddiini, kyongera kukakasa nti eddiini oba ekintu kyonna bwe kisukka we kisaana okukoma, kifuuka butwa, era kya bulabe, eri oyo abeera takkiriziganya naye mu nzikiriza ye eyo. Omunnafirosofiya ayitibwa Karl Max mu kitabo kye ekiyitibwa "Das Kapital" awo we yasinziira okuwandiika nti, "Religion is the Opium of the Society", amakulu nti, "eddiini y'enjaga y'abantu". Yannyonnyola nti omufuzi tayinza kukozesa muntu ky'atayagala, kasita omuntu oyo alekerwa eddembe okukkiriza mu ddiini nga bw'ayagala. Omufuzi nti abantu bamuvaako ne bagenda n'abakulembeze b'eddiini zaabwe.

Si kibi bannange okutamiira eddiini zaffe kasita tuba nga tetutamiira buwangwa na bulombolombo bigwira, ng'ebyaffe tubiwaayiriza okubeera ebya Sitaani.tusaana tusigale katonda we yatussa. Anti Katonda y'omu oyo eyawa bali ebyabwe, naffe n'atuwa ebyaffe, ye nga bwe yayagala! Tusaana tubeere awo we yatussa, kubanga kitaawo bw'akuzimbira ennyumba n'akuteeramu buli ke weetaaga, ate ggwe n'otagitwala ng'oyagala kubeera na kitaawo nti kubanga omwagala nnyo, toyagala kumuvaako, mutabuka. Naffe Katonda yatuwa ensi n'ebyamu byonna, kyokka ffe ebyo tubisuula ne tugenda ne bye tulowooza nti ebyo Katonda by'ayagala. Tutwala ebintu bye yawa abantu abalala ne tuleka ebyaffe. Kino kyongera okunyiiza Katonda kubanga tetukoma ku kugaana byaffe bye yatuwa kyokka, ate tukoppa ne tutwala bya bannaffe.

Setwakoma awo, eddiini twazifuula eggwanga ne twerabira eggwanga eryaffe. Edda abasomi kye baavanga bayitibwa Abaluumi(Bakatuliki), Abangereza(Bapolotesitante) n'Abaluŋŋaana(Abasiraamu). Okuva olwo ebika ne tubikuba amabega. Eddiini kyesalawo okukola ng'ekika kibivaako, tekiddamu kubaako kye kyogera, ne bwe kuba kwabya lumbe oba okulonda omusika. Eddiini ne yeefuga abantu n'ebintu by'Abaganda. Emizizo,



n'obuwangwa by'Abaganda ne bidibizibwa, ne tutwala eby'Abagwira nga tuyita mu ddiini, nga batugamba nti Katonda bw'atyo bw'ayagala tweyiseemu. So nga Katonda y'omu eyatutonda ng'amanyi era ng'ayagala tubeere n'eggwanga, entegeka y'obufuzi okuva mu maka, mu bika ne mu Bwakabaka. Yayagala tubeere n'Olulimi, emiziro, obuwangwa n'obulombolombo ebitufuula Abaganda.

Eky'ennaku, buli asoma eddiini alowooza nti y'asinga banne okutegeera Katonda by'ayagala. So nga eddiini okufaanana ng'emisomo gyonna bwe gibeera, buli omu agitegeera bubwe. Omusomesa abeera mu kibiina, nga ffenna tutudde tuwuliriza, kyokka bwe tubuuzibwa, tufuna asinga, ne tufuna n'asemba. N'eddiini no bwe zityo, tuzitegeera mu ngeri za njawulo. Kino ekintu kireeta omutawaana ne tusubwa omulamwa gw'eddiini, ne tudda mu kuwagira n'okulwanira ebitatukwatako, era bye tuba tutategedde bulungi. Ne mu bulamu obwa bulijjo, okutegeera ekintu obukyamu, kibeerawo nnyo, era kituleetera ebizibu ebisukkiridde, ne tulemwa okukwatagana. Waliwo ebyokulabirako bisatu ebitabuusika maaso:-

1. Lumu baali bazimba ekizimbe kya Sulutaani ku Ppaaka, ne bawandiisa abapakasi abanaaweereza. Ekisaanyizo kyali kya kumanya Luswayiri. Baasimba olunyiriri babawandiike. Omuyindi bwe yalaba ng'abantu bangi, n'asuubira nti Kalaani ayinza okuwandiika omuwendo omunene okusinga ku baali beetaagisa. Kye yava ayita Kalaani n'amugamba nti, ''Apana handika zayidi''. Kalaani bwe yakkiriza, Zaayidi eyali abuzaayo abantu basatu awandiikibwe n'alowooza nti ye gwe bagaanyi okuwandiika. Yava mu lunyiriri n'asubwa okufuna omulimu, lwa kulowooza nti ategedde ekituufu.
2. Omulala yali Mukulu wa Ssomero ku kyalo Lule e Semuto, ku mulembe gwa Obote II. Omukulu w'essomero ono, abasirikale baamusanga ne bamubuuza omulimu gwe yali akola. Bwe yabaddamu nti yali musomesa mu Lule Primary School, baalowooza nti muyeekera kubanga asomesa mu ssomero ly'omuyeekera Lule, era baamutta.
3. Entegeera y'emu eyo eyokungulu, y'eyombya n'omuntu ng'omugambye nti ''Kulika ekisiibo, Kulika omwaka''. Akuddamu nti, ''Okinkulisa olabye kibadde kimpisa bubi?'' Abeera nno, amakulu ategeddeko ga kungulu, era nga tamanyi ddi lwe tukozesa weebale ne kulika. Era abeera tamanyi nti Omulungi tabulako kamogo era n'ekiwoomereze kye kiva kizaala enkenku.

Entegeera eyo ensobu si ya mulembe guno gwokka, ne mukiseera kya Yesu yali esobola okubaawo. Ate nga mu kiseera kye, tewaali amwenkana magezi. Mukama yamuwa okumanya buli kintu ekyaliwo, ekiriwo n'ekiribaawo. Ate Yesu okufanana Abaganda ab'edda, yayogereranga mu ngero. Ffenna tumanyi bulungi bwe baamubuuza nti ''*Muliraanwa wo y'ani?*'' Yabaddamu na lugero lwa Musamaliya omulungi. Bwe yamala olugero, ekibuuzo n'akibaddiza nti, ''Muliraanwa wo y'ani?'' Bangi oba olyawo baamutegeera, naye era bangi abataamutegeera. Mwabo abamutageera mu nsobi, namwo muvaamu abakutte enkasi okusaanyaawo Obuganda nga bagamba nti Yesu bwe yajja, yakyusa, yadibya ebikadde, era yamenyawo obulombolombo bwaffe. Awo ng'emiziro balya, ng'ennyimbe balekera awo okuzaabya, kubanga mu ddiini tekiriimu; nga buli kya Kiganda tukitta olw'eddiini. So nga ne Yesu yakyogera kaati nti tajjanga kudibya wabula okukakasa ebyaliwo nga tanajja. Mu butuufu kyewuunyisa nti Yesu ne Muwamadi (SAW) bo balanya, ne batottola ba Jjajja baabwe (Yesu 66, Muwammadi 25), nti "Ndi muzzukulu wa Gundi" okufaanana ng'Abaganda bwe tukola; so ng'abalala abasoma ebitabo bye bimu bo tebalanya.

Kabaka kye yali atya, kyeyongera okutuukirira Omuzungu bwe yakozesa Abakungu, ne bakozesa Dawudi Ccwa omuto, n'agaba eggye okulwanyisa Kitaawe Mwanga II ! Baakwata Mwanga ne Kabaleega mbu ku biragiro bya Kabaka Dawudi Ccwa. Omuzungu y'omu yategeka era n'awagira entalo z'eddiini wano mu Buganda ez'okumukumu oba ziyite ez'omuddiriŋŋanwa.

Sir Apollo Kaggwa atulaga mu kitabo kye Bassekabaka ba Buganda olupapula 238, ng'Omuzungu bwe yakozesa abalwanyi abatali Baganda okufufuggaza Obuganda. Yakozesa Abayindi, Abasomaali, Abanubbi, Abaswayiri, Abajolinjoli n'Abannandi. Olutalo olwasooka yawagira Basiraamu, n'abawa emmundu ne bawangula. Yasooka Basiraamu kubanga be baali okumpi ne Kabaka. Bw'osoma ku lupapula 6, mu kitabo Abaasimba Obuyisiraamu mu Uganda ekyawandiikibwa Omulangira Badru Kakungulu Wassajja ne Dr. A.B.K.Kasozi 1977, olaba ng'Abawalabu baalwaniranga ku ludda lwa Muteesa, era yabawa n'Obwami. Okugeza, Choli yalya Obwamunyeenya, Idi yali Muteregga, Ssaabagabo e Ssingo.

Omuzungu bwe yamala okwenyweza, abo yabavaako n'adda ku Bakatuliki, era n'akola ekintu kye kimu. Yasembyayo Bapolositante oba Abangereza nga bwe baali bayitibwa. Era bano mu magezi ge amangi be yalekera emmundu n'obufuzi. Entalo zino abantu



abaaziyitamu zaabalekera enkovu ku mibiri ne ku myoyo, era tebaddayo kukolagana na bannaabwe abaabeeranga ku ludda oluvuganya. Obukyayi, empalana n'enge ne bitandika, olwo nga buli omu tayagaliza wa ddiini ndala kalungi konna. Ne bwe baabeeranga abooluganda. N'omwana baamuzaalukukanga!.

Wano Omuzungu yatandika okusekera mu kikonde, ng'afunye kye yali ategese okukolera Abaganda. Abaana n'abazzukulu baakuutirwa obutakolagana na basomi ba diini ndala nti kubanga be battanga abantu baabwe mu nzita embi ennyo. Amasomero n'amalwaliro ebyazimbibwanga ku musingi gw'eddiini nga tebaagalamu ddiini ndala. Kino kyatuuka ne ku mirimu mu bitongole eby'enjawulo nga basemba era nga basembeza ba ddiini zaabwe zokka. Nga waakiri omuntu asembeza omugwira asoma eddiini ye okusinga Omuganda bwe batasoma ddiini emu.

Abaganda okukola ekisa ekisusse, twali twerabidde olugero olugamba nti "Ekisa kitta n'enge etta". Tukirabye luvannyuma nti mu basenze abangi, wadde abo abajjira mu ddiini, mwe mwajjira abasenze abalina ensaalwa n'obuggya, ne bafuna ekigendererwa eky'okutumalawo beefuge ensi yaffe yonna. Bugenze okukya ng'Omuzungu awangudde, kubanga kizibu okugattika eddiini n'ekika, oba n'okubeera Omuganda omutuufu ng'oli munnadiini omutuufu. Munnadiini bwatyo tasobola era tawagira mpisa ŋŋanda. Ky'ava asembeza munnadiini munne okusinga muganda munne. Olaba ne bw'afa taziikibwa ku kiggya kya kika, kubanga kuliko abatali ba ddiini ye!. Kino kikwata ne ku b'amawanga amalala mu Yuganda abatali Baganda bokka. Mpozzi okuggyako e Rwanda eddiini gye yalemwa okukyusa emitima gyabwe okutuuka ewala. Bwe waaliyo entalo mu 1994, abantu bwe baddukiraga mu Kereziya oba mu Kkanisa, Abahutu battanga Abatuusi, n'Abatuusi battanga Abahutu mu Masinzizo ago, ate baakikolanga nga n'Ababakulembera mu ddiini balaba, era nga nabo oluusi beenyigira mu kutta okwo. Okuggyako mu Mizigiti mwe mutaali kuttiŋŋana, nga bonna ab'enzikiriza ez'enjawulo beekweka wamu.

Wano mu Buganda, twaggweera nnyo mu ddiini, era w'osanga abantu abeetuuma nti nze "Mutabuliki" oba Mukatoliki". So nga bo bannaffe eddiini gye zaava teri yeeyita bw'atyo. Era wano nga tuyita mu ddiini, bangi mubalabye abataagala kwabya nnyimbe. Ekigabo "kwabya lumbe", baakikyusa nga bagamba nti si kya ddiini, ne baagala bakozese kigambo ''Dduwa, Missa, oba kusabira'' mugenzi. Tebakyayagala wadde okuwulira n'okukuba ebivuga ebiganda, wadde okufukaamirira abatuzaala, kubanga ebyo mu bitabo

by'eddiini tebyawandiikibwamu. Eddiini zaatutuusa wala, olaba embugo zaffe nazo si za ddiini, era tezikkirizibwa! Bwe tufiirwa, batugaana okukaaba ne tuyimba ennyimba ez'okutendereza Omutonzi. Bwe tuba twabya olumbe, batugaana okusanyuka nga tukuba engalabi, era ne tuyimba ennyimba ze zimu, nga ziri ezaayimbwa nga tuziika. So ng'emikolo gya njawulo nnyo.

Bannaffe nga baleeta eddiini baaleeta n'obuwangwa bwabwe okukkakkana nga n'empalana zaabwe eziri e Bulaaya wakati w'abasomi Abapolotesitanti n'Abakatoliki, nga naffe bambi bazituyingizzaamu tuzibalwanireko, ate wano ewaffe. Na buli kati obawulira eyo mu Mambuka ga Bungereza(N. Ireland) ng'Omukatoliki tasobola kutunula ku Mupolotesitanti, battiŋŋana buttiŋŋanyi. Buli omu w'afunira akakisa akanyiga munne ng'akikola. Atali Mupolositante nga tasobola kubeera Kabaka oba Katikkiro mu Bungereza. Kino naffe wano katono kituwagule, naye omulembe Omutebi gulabika gukirinnyeeko! Buli omu alowooza nga ye mutuufu, nga tasobola na kwebuuza ngeri ki gye yafuukamu ow'e ddiini eyo, oba okuzaalibwa mu kitundu mw'azaalibwa. Kino twalibadde tetukinenyeza muntu olw'okubanga tewabeerawo muntu yeesalirawo engeri gy'ajja mu nsi muno, wadde ekyo ky'alibeera.

Okumanya nga twamatira Abazungu, twaleka Obuganda ne busereba, ne tuleka emikolo gyaffe gyonna emirungi n'emibi. Olaba n'emikolo egyakolebwanga okutikkira bakabaka, wadde nga si gya bukambwe, wadde nga si gya "sitaani" mu ddiini, twagimenyawo, tetukyayagala ku gyesembereza, wadde okugyogerako. Kubanga bo bakama baffe abajja okutusomesa, tebabimanyi, ewaabwe tebiriiyo. Okugeza Omulangira eyavanga mu kakomera, Kasujju yamuleetanga n'amukwasa Mugema, ne bagenda e Mitwebiri ku kasozi Bulondo mu Busiro, ne basulayo ennaku bbiri. Beetooloolanga Nnamulondo entonde esangibwa ku kasozi kano, emirundi mwenda nga bakulemberwa Aboobutiko n'Abengeye. Ku mulundi ogwomwenda, Kaliga, Omulangira owokubiri owa Mulondo, n'akwasa Omulangira ali mu Kasera effumu, lye yatwalanga e Buluuli ewa Naŋŋoma, ebeera Kimbugwe ne Lubanga. Olwamalanga okumukwasa effumu, ne bamumwako enviiri zonna. Wano buli Mulangira alidde eŋŋoma ya Buganda, we baaterekanga enviiri ze ezisembayo okusalibwako ng'Omulangira. Bwe baamalanga okumumwa, nga bamwambaza embugo n'amaliba g'Engo n'okumusiba endege. Olwo n'alyoka agenda e Bbira n'asamba ku ndege. Wano we bayimbira nti, "Atalina ndege tagenda Bbira."



Okuva e Bulondo okugenda e Bbira, yayitiranga Bakka ne bamuwa omukyala Nakku. Kabaka bwe yavanga e Bbira n'agenda e Buluuli. Eyo Kimbugwe yatemanga ku ttaka emirundi mwenda ng'atunudde e Buvanjuba, e Bugwanjuba, Obukiika kkono n'Amaserengeta, ng'obwo bwe buna Kabaka mw'asinziira okufuga Obuganda. Bwe yavanga e Buluuli n'agenda e Bulamu wano e Ggayaaza. Wano Kabaka yaleetanga embuzi, enkoko, ente mwenda mwenda ku buli kimu nga kyeru. Baalekangawo kimu kimu, ebirala byonna Kabaka n'abigabula. Ente esigalawo y'evaamu amata g'anaaba n'okunywaako buli luboneka lwa mwezi. E Bulamu Kabaka gye yasabiranga ensi ye n'abantu be, emirembe n'obuwangaazi.

Okuva awo, buli Kabaka gwe yawandangako eddusu n'amuwa obufuzi, nga buli ky'asaba Katonda akifuna. Yafuganga bulungi ng'alina obwesige n'obuvumu olwokubanga kabaka yamuwandako eddusu. Abantu abataafunanga mukisa ogwo, nga balina kukkiriza mufuzi oyo awatali ku muwakanya wadde okumukwatira ensaalwa, oba okumwagaliza aveeko ye abulye. Ebyo byonna babiwanuuza nti bya sitaani! Yali Kabaka Kyabaggu yekka eyasembayo okukola emikolo egyo mu bujjuvu. Abasigaddewo bonna bazze ng'emikolo gyonna bagikolako bitundu olw'entalo, okutuusiza ddala ku mulembe gw'abasomi, emikolo gyonna ne batandika okugitya, ne gisazibwamu nga tugifudde egya sitaani. Buli lwe mugezaako okugizzaawo nga bakugamba nti ebyo bya dda. Okuva olwo okusereba kwa Buganda nakwo tekwadda mabega. Buli olukya tweyongera kubeera bagwira mu nsi yaffe.

Ekyakabi bannaffe abaaleeta muno eddiini naddala Eyeekikulisitaayo, bo kati eddiini baagifuula kya butaliimu ewaabwe. Ku Ssekukkulu tebasaba, amakanisa gabeera maggale, abantu babeera waka mu kuwummula na bantu baabwe. Ffe wano tuggweera mu masinzizo. N'amalako omwaka nga tasaba, ku olwo lw'agenda mu kusaba. Bo amakanisa bagatunze okugamalayo nga bagafuula makkaddiyiro omuterekebwa ebyayita. Agakyalimu gagendwamu bukadde obugenda okwefiira. Abasinga bagendayo lwa nnyimba oba kukola mukolo ng'embaga oba kuziika, bagambe nti ogwo omukolo gwali gwa kitiibwa! Nga bakikola ng'omusono, so si lwa nzikiriza nti ateekwa okukikola. Kye baava bayiiyaayo n'embaga ez'ebitala ewa Diisi.

Bwe baaleeta muno eddiini, baayagala nnyo tutwale ebyabwe, tusuule n'okwokya twokye ebyaffe. Twabyokya nga tulowooza nti twokyezza empewo ezo embi, so nga bambi twayokya mbugo, empewo zaasigalawo. Twabakoppa bulungi nnyo, kubanga

tetwakoma ku Katonda gwe baatusomesangako yekka, twatwala ne Lubaale waabwe yenna ne tumumalayo. Okugeza emyezi gyonna okuva ku Janwali okutuuka ku Desemba, ago gonna mannya ga Lubaale waabwe. Amannya g'emunyeenye ago agamanyiddwa, gonna ga Lubaale waabwe. Olaba n'olunaku olukuzibwa ennyo olwa Ssekukkulu (25 Desemba) nalwo baalukulizangako mikolo gya Lubaale waabwe! Olunaku lwassande kwe tuwummulira era n'okusaba, ewaabwe nalwo lwali lunaku lwa kuwummula era nga lwakusinza njuba. Nga luyitibwa SUN-DAY, ekyafuuka Sunday. Ekitangaala bwe kyajja, olunaku lwasigalawo okusinzizangako Katonda omukulu atali katonda omuto enjuba. Ate wano ewaffe, olwokusatu lwali lwa kuwummula n'okusinzizangako Mukasa, era nga lunaku lwa Mukasa. Bwe wakolanga ekintu ku lunaku olwo ne kifa, nga bagamba nti olunaku olwo olwokusatu lusattulula ebintu, omuntu asaana kuluwummula asinze Mukasa. Bannaffe bwe bajja, olwaffe lwe batta ne balekawo olwabwe, so nga zombi nnaku zabuwangwa. Bwe kaakutandanga n'omala oyita omuntu erinnya lya 'Mukasa' nga bajula obutakuziika, era n'okusembera nga tosembera kubanga ojjukiza abantu ebigambo bya sitaani. Amannya nga Mukasa, Nende, Kibuuka, Musoke abasomi baagadibya tebaagala ku gatuuma kubanga mannya ga sitaani!

Kyewuunyisa omuntu okusuula eby'obuwanga bwe, bye yasangawo nga Katonda omulungi gwe tusinza ye yabitonda bwatyo nga bwe yayagala, ate ffe ne tumunyooma nga tukola nga bannaffe abatuleetera amaddiini ag'enjawulo bwe baagala. Kino kiba kitegeeza nti tulowooza nga Katonda yakola bubi okututonda nga bwe tuli, yanditutonze nga bwe yatonda Abazungu oba Abawalabu. Te twakoma ku kukoppa nsinza bannaffe gye basinzaamu yokka, wabula na buli kantu akaabwe twakakoppa.

## SERWAJJA OKWOTA

Omuzungu yajja mpolampola ng'Abaganda tebamulabuukiridde, ng'amaaso gaabwe gazibiddwa olw'obulabolabo bwe yabawanga awamu n'ebyo bye yasomesanga ng'abigattika mu ddiini. Obukodyo bwabwe bwonna bwali bwa kwezza Buganda ng'ayita mu kunafuya oba n'okuggyirawo ddala Kabaka, ye yeefugire ensi nga tewali amutawaanya atwale ettaka asimemu by'ayagala, n'okulima nga bw'ayagala. Kino yakikola ng'amanyi nti Abaganda bangu okukozesa ky'oyagala nga Kabaka taliiwo. Stanley ye yasooka okukiraba n'akibuulira banne e Bungereza.



Anti Muteesa yawa Stanley eggye emirundi ebiri miramba, nga bwe batuuka eyo, olwokuba nga Kabaka taliiyo, baakolanga ebintu ebikyamu bingi, era nga baddukayo ne bamuleka ku buzibu. Magassa ye yasooka okudduka ku Stanley. Omulundi omulala Sembuzi naye yaddukayo. Stanley yatuma omusajja we Kakyekye gwe yajja naye okuva e Kenya, abuulire Muteesa ng'abasajja be nga bwe balese Stanley mu bbanga. Muteesa yabuuza Kakyekye nti, "Stanley muweereze abasajja 100,000 nga baduumirwa Sekiboobo ne Mukwenda?" Kakyekye yaddamu nti, "Stanley tagenda kuddayo kwesiga Baganda. Baakamuddukako emirundi ebiri. Magassa yamuddukako, Sembuzi naye yamuddukako. Oboolyawo asobola okugamba nti ne Sekiboobo ajja kukola kye kimu. Abaganda balungi nnyo nga w'oli ggwe Kabaka, naye olukuva mu maaso, nga beerabira ebiragiro byo, nga batandika kubba bantu, ente n'embuzi". Soma "Through the Dark Continent" olupapula 351 Vol.I.

Wano Omuzungu we yatandikira okwagala okuggyawo Kabaka, ng'amanyi bulungi nti ekyo akikola asobole okutunafuya afune ky'ayagala. Yakimanya nti Omuganda tawulira kigambo kya muntu mulala nga Kabaka waali. Bw'osoma "Bassekabaka ba Buganda" ekya Sir Apollo Kaggwa, empapapula 194-197, omanya nti eyo Omuzungu gye yatandikira okusimba amakanda, obufuzi bwa Kabaka gye yaabunafuyiriza. Kino kyeraga okusinziira ku Sir Apollo Kaggwa, bwe yawandiika, Kabaka Mwanga bwe yatunda amasanga ge e Lungujja. Olwo n'aba nga yali azzizza omusango mu nsi ye olw'okutunda amasanga ge.

Omuzungu olwakimanya, Bwana Tayaali (Mr. George Wilson) nga 1.12.1896 yayita Sir Apollo Kaggwa Katikkiro, Stanislas Mugwanya ne Zaakaliya Kizito Kisingiri ne bategeezebwa nga Kabaka bwe yali amenye endagaano n'atwala amasanga eferasira nkaaga mu ssatu, era baabuuzibwa ekintu Kabaka ky'ateekwa okuliwa n'eky'okumukolera. Kino kyabayitirirako ne basirika, era ne batunuulira Omuzungu nga tebanyega era ne bafuluma.

Enkeera Omuzungu yaddamu n'abayita boogere kye baali basazeewo Kabaka aliwe, bakitwale ewa Baloozi. Bwe bataddamu, Omuzungu yabalagira bagende bagambe Kabaka nti:-

1. Alina okuliwa eferasira z'amasanga zennyini ze yali atunze. Oba si kyo, ebintu bye byonna bye yali aguzeemu byali bya kuboyebwa.
2. Yali ajja kuziyizibwa okuddayo okutuula mu Lukiiko obutayogerayo nga waliwo ebiteesebwa.

3. Yalina okugoba abalenzi abavubuka abaamaanyi mu Lubiri abaamuyamba okutwala amasanga n'okugatunda.
4. Yawerebwa obutaddayo kutambula lugendo luweza ssaawa ssatu yekka ng'ali n'abavubuka okuggyako ng'ali n'abaami abakulu.
5. Yaggyibwako obuyinza okukuuma ebintu bya gavumenti nti nga bwali w'amateeka, asobola okubyonoona ng'abikozesa emirimu emibi. Wano obuyinza bwa Kabaka mu nsi ye, mu bantu be, awo we bwakoma, Omuzungu n'abwezza.

Abakungu bano bwe baamamala okubibuulira Kabaka baddayo eri Omuzungu ne bamugamba nti Kabaka ajja kuliwa naye takkiriza kugoba balenzi be mu Lubiri. Omuzungu kye yakola kwe kuyita Abakungu bonna abalagire ky'ayagala. Okumanya ng'Abaganda abamu baava dda nga bava mu Kabaka waabwe, olw'okukuuma ebifo byabwe mu gavumenti, Olukiiko lwasalawo okuwagira Omuzungu. Yali Samwiri Mukasa Muswangali Kitunzi yekka eyaboggola nti, "Kabaka mu muggyirako ki abaddu be? So ng'anaalaba ennaku!" Abalala bonna nga basirise be cce!

Mu Lubiri baagobamu abalenzi abajagujagu 1300 ne balekamu abajega 300. Kabaka yasabamu abalenzi babiri mu bali abaali bagobeddwa- Jumba Luyimbaazi ne Yusufu Mwanjale gwe yasigala naye okutuusa Kabaka lwe yakisa omukono ng'ali mu buwaŋŋanguse e Sesere (Seychelles). Ekyokusaalirwa, Olukiiko lwakola ekiwandiiko okusanyusa Omuzungu. Baakiwandiika Kabaka tamanyi, kyokka ne bakimuwa akisseeko omukono gwe, olwo nabo balyoke basseeko egyabwe, kirabike nti Kabaka mazima yali akimanyi, era nti yali akkiriziganya nabo.

Ekiwandiiko kyasoma bwe kiti:-

"Ffenna Olukiiko lwa Buganda tulabye ng'abalenzi abo mu Lubiri babadde batuleetedde akabi mu kuteesa kwabwe, era n'ebibi bye bakola eby'engeri zonna. Kyetuvudde tubagoba mu Lubiri ne tulekamu abamu be tukkirizza nga balungi.

Nate tugambye Kabaka nti Mukama waffe tukusabye kino, naye oluvannyuma bwe tuliraba omuntu omu oba kukirawo, bw'alikola ebigambo nga ebibiina byonna eby'eddiini zonna bye bikyawa, era ebyonoonera ddala obulungi bw'ensi ebyawerebwa, ebikwasa ensonyi eggwanga lyaffe, era aba gavumenti bye bakyaye, naye oyo bw'alikwatibwako ng'akola ddala ekyo awatali kubuusabuusa, alikwatibwa awatali kuyomba n'okukaayana n'abakulu bonna aboolukiiko, kubanga bonna bakkirizza n'essanyu.



Naye nange Kabaka Mwanga ebigambo ebyo mbikkirizza kubanga ab'Olukiiko lwange bonna babikkirizza. Bateesezza bulungi, kubanga kya kukuuma bulamu bwange, n'obulungi bw'ensi yange. Kyenvudde mbisiima, kubanga bibadde nga bindeetedde akabi kanene".

Ekiwandiiko ekyo, kye baawa Mwanga ateekeko omukono nti yali akikkirizza nti era yali akyagala. ekyo kye baateekako emikono gino, nga bakulembezza ogwa Kabaka:

Kabaka Mwanga
Apollo Kaggwa Katikkiro
Stanislas Mugwanya Katikkiro
Alikisi Sebbowa Ppookino
Pawulo Bakunga Kaggo
Zaakaliya Kizito Kisingiri Kkangaawo.

Okwo kwe kwadda emikono gy'Aboolukiiko bonna. Omuzungu olwafuna endagaano eyo, nga balagira Kabaka kuliwa masanga. Olwamala okuliwa amasanga, ng'Abazungu bakolera Kabaka n'aboolukiiko embaga makeke ku mwalo e Ggaba!

Ku lupapula 163 mu kitabo kya Sir Apollo Kaggwa Bassekabaka b'e Buganda, w'osanga Abakungu ba Kabaka 21, abaalonda Dawudi Ccwa, mutabani wa Mwanga II okudda mu kifo kya kitaawe, amusikire, so nga yali akyali mulamu, ng'adduse buddusi! ekintu ekikonana n'Obuwangwa n'Ennono za Buganda. Dawudi Ccwa abaamulonda obutafaanana Kikulwe, tebaali Balangira, tebaali Bambejja, tebaali Bakulu ba Bika. Baamulonda nga 9.8.1897; (Hattersley agamba 1898); Baamulonda wa mwaka gumu.

Eky'ekitalo, baamulonda nga Mugema akyali mulamu! Okufaanaganira ddala nga naffe ku mulembe gwa Muteesa II bwe baamuwaŋŋangusa, Abazungu baayagala okulonda Kabaka omulala ng'oli tebamwagalira ddala olw'obutakkiriza kuva mu nsi ye, na bantu be, era ne bagamba nti oli takyadda. Abakulu baakigaana ne bawaaba buwaabi musango. Naye Abakulu abaaliwo ku mulemba gwa Mwanga II bo okusanyusa Omuzungu baalonda bulonzi Ccwa kusikira kitaawe nga mulamu!.

Era abaamulonda be bano:-

1. Apollo Kaggwa Katikkiro
2. Stanislas Mugwanya
3. Pawulo Bakunga Mukwenda
4. Zaakaliya Kizito Kisingiri Kkangaawo
5. Mesuseera Kibudde Ssekiboobo
6. Yoswa Kaate Mugema
7. Matayo Nsuubuga Omujaasi
8. Yokaana Muwanga Kitunzi
9. Serwano Mazinga Kawuuta
10. Abusoolomu Mudiima Omuwanika
11. Yokaana Bunjo Katikkiro wa Namasole
12. Noova Naluswa Jjumba
13. Tomasi Ssemukasa Omukaabya
14. Sawulo Mayanja Omuwanguzi
15. Mesusera Kamya Ssekyoya
16. Andereya Luwandagga Omukubira
17. Rev. Tomasi Ssenfuma
18. Rev. Batulumaayo Musoke Zzimbe
19. Rev. H. W. D. Kitaakule
20. Siteefano Kyakwambala Buluusi
21. Dawudi Sebbowa Ombubito

Abakungu bano nga bongera okusanyusa Omuzungu, tebaakoma ku kuggyako Kabaka Mwanga kyokka. Mujjukire nti baamuggyako abavubuka be yali ayagala ennyo, era baamukolera ekiwandiiko kye baamussisaako omukono olw'empaka. Baagabanga entalo mu linnya Dawudi Ccwa akyali omuto. Baaloopa Kabaka Dawudi Ccwa eri Gavana nti yali yeekwese e Salaama. Baawaayo Kabaka Dawudi Ccwa mu Bazungu nti yali agenda okubajeemera. Ekintu ekyanyiiza ennyo Kabaka Dawudi Ccwa, n'agenda e Lukuli ewa Namasole eyo gye yawummulira nga 22.11.1939, okusinga okumutwala mu buwaŋŋanguse nga kitaawe.

Abakungu abaakolanga ne Bakabaka, baafubanga nnyo okusanyusa "bakama baabwe" Abazungu nga bakutulakutula mu Baganda kisobozese Omuzungu okweddiza Obuganda.



Kye baavanga baweebwa ebyobugagga ebiyitirivu, n'ebitiibwa. Okugeza nga Apollo Kaggwa eyafuna ekya "Sir". Abakungu abaakolanga n'Abazungu, n'olwekyo baagezaangako nnyo okudda ku luuyi lw'Omuzungu, nga tebakyayagala kubeera na Kabaka. Apollo Kaggwa mu kitabo kye, Bassekabaka be Buganda ku lup.143, atulaga nga Semeeyi Kakungulu bwe yagaana okukola omulimu Katikkiro Apollo Kaggwa gwe yali amutumye, n'agaana ng'agamba nti ye si wa Kabaka, wa Gavumenti. Baamala kuwoza ne Katikkiro ew'Omuzungu, Katikkiro omusango n'agusinga, olwo Semeeyi Kakungulu n'alyoka akola omulimu ogwamutumibwa Katikkiro. Naye ye Omuzungu n'asigala nga musanyufu kubnga basajja ba Kabaka baali tebakyasobola kukola kintu ng'Omuzungu tamaze kukkiriza.

Bwe weeyongera okusoma Bassekabaka be Buganda ku lupapula 109, ojja kusanga nga Muttabiryo (Okitobba) 31.10.1885, Apollo Kaggwa nga ye Muwanika Omuto, yalya mu Kabaka we olukwe, bwe yamuloopa ewa Bwana Makaayi. Kaggwa bwe yamanya nga Mwanga alagidde Makko Ssekajjija okugenda okukwata Bishop Hannington olw'okuyita emmanju, mu kifo kya Kaggwa okugenda ewa Kabaka awolereze Omuzungu, ye yasalawo kugenda kuloopa Kabaka wa Bwana Makaayi nti Kabaka atumye abantu okutta Omulabirizi. Oba olyawo Kabaka yandididdemu Omulabirizi, singa Kaggwa ye yeegayirira. Naye Makaayi bwe yatwala ebintu okutanga anunule Bishop Hannington, Kabaka yeeyongera kunyiiga nga yeebuuza engeri Makaayi gye yamanyaamu. Era Omulabirizi baamutta nga 31.10.1885 ewa Luba e Busoga.

Ate ku lupapula 122 mu kitabo kye kimu, Abazungu bwe baalangirira nti "Ensi eno ya Bungereza", Kabaka yagaana, kyokka Abakungu baamwabulira ne bakkiriziganya n'Ouzungu. Kabaka bwe yakimanya ng'asigadde yekka, yakkiriza n'ateesa nabo akole endagaano n'Abazungu batwale ensi yaffe. Baatuma Samwiri Mukasa Muwemba ne Avikitoolo Kiddukanya Ssenkeezi ne batwala ebbaluuwa eri Balozi wa Bungereza ne Balozi wa Bufalansa abaali batuula wano e Lungujja. Ekifo baakibbula mu Lungujja e Zanzibar gye baava.

Balozi kigambo kya Luswayiri, kitegeeza Mubaka. Ebbaluuwa ezo ze zaaawaayo ensi yaffe. Olwo ne bakola endagaano ewaayo ensi eno. Abakungu baakola kino nga baagala okusanyusa Omuzungu nga tebalowooza nti Omuzungu abakozesa bukozesa, nti era nabo agenda kubeefuulira kasita alimala okubakozesa n'afuna ky'ayagala.

Amazima gali nti ekyo tekyalwawo kutuukirira, anti Katikkiro ye nnyini eyali omukono gwabwe ogwa ddyo, Sir Apollo Kaggwa gwe baasookerako okukikola. Sir Apollo Kaggwa nga bamukooye, nga bamaze okumukozesa bye baali baagala, yawalirizibwa okuwummula mu 1927. Gavana Sir Frederick Crowford ye yamuwummuza. Entabwe yava ku nkaayana y'ebbaluuwa ezakkiriza abantu okutunda omwenge mu Kibuga Kampala. Sir Apollo yali ayagala bubeere buyinza bwe okugaba ebbaluwa ezo. Ate nga PC (Provincial Commissioner) Postlleworth yali ayagala Mukulu wa Kibuga y'aba abeera n'obuyinza obwo. Anti abakulu abasatu (Sir Apollo Kaggwa, S.Mugwanya ne Z.Kisingiri) baali baayisa etteeka Abaganda obutanywa Wisiki ne Walagi baleme kutamiira nnyo ekyo kibasobozese obutatunda ttaka. Era nga baagaana okuguza Abazungu ettaka. PC yasalawo nti Yusufu Mukasa Baamutta, mutabani wa Mukiise e Buddu, eyali Omuwandiisi w'Olukiiko, y'aba abeera n'obuyinza obwo! Kino kyanyiiza nnyo Katikkiro Sir Apollo, n'ayomba nti, "Abagwira mwajja waffe kutufuga bumbula? So nga ffe bannannyini Nsi? Ye ng'omuntu anaalaba!". Yali aky'ayomba, n'atuuyana nnyo, era n'ayagala okuzirika. Baamutwala mangu e Mulago, Dr. Ernest Cook n'amuzuula nga yalina Puleesa ey'amaanyi. Gavana n'asalawo Katikkiro awummule olw'obulwadde. Kino kyayongera kunyiiza Sir Apollo nti,"Gavana awummuza atya Katikkiro akoledde Obuganda okumala emyaka 30, nga Kabaka eyamulonda si y'amuwummuza!" Katikkiro yasalawo okugenda e Bungereza awaabire Gavana nga bwe yali talina buyinza kuwummuza Katikkiro. Yasiibula Kabaka n'amugamba nga bwe yali agenda okulwanyisa Abazungu abajja kuno okutufugira okwaffe obumbula. Kabaka yamukkiriza okugenda, kyokka yabuuza Sir Apollo kiki ky'anaalyanga mu kkubo? Era yamugamba nti mpozzi bamuttire ente afune omukalo gw'anaalyangako! Sir Apollo yasitula nga 12.2.1927 ne mutabani we Lt. Mikayiri Kawalya Kaggwa, ne bagenda e Nairobi basinziire eyo okugenda e Bungereza. Bwe yali agenda yatwala entungo, nga mwe mwali eddagala lye. Yalyangako empeke emu emu buli lunaku!

Abasoga nabo baamuweereza entungo ensekule nga bamanyi nti Katikkiro ayagala nnyo entungo. Ekyakabi olwatuuka e Nairobi entungo ne bagibba. Era olwali okutuuka, n'okulwala n'alwala. Eyo gye yafiira nga 14.2.1927. Yaleetebwa n'aziikibwa e Mannyangwa nga 21.2.1927. Omuyimbi olwamanya ebyo byonna, ng'aleega nkoba ze nti:

"Okumanya ng'Abakyukuyu babbi,
Kawalya baamubbako akatwalo k'entungo,



Ab'e Busoga baamuweereza nsekule,
Ate Kawalya yali musiru bambi,
Anti entungo yagikubamu ejjiiko,
Yalaama nti we balinziika balimangawo entungo,
Abaana gye banaalyanga,
Nga bazze okulima Nnumetekamwa!"

Sir Apollo ekyamutuumisa Nnumetekamwa, kyali kya kulwanyisa muze gwa kulya bisiyaga mu Buganda, nga takyagala era ng'agamba nti "Ennume tekamwa!" Yalwanyisa nnyo omuze ogwo omubi ogwali guzze mu Buganda. Mu kino yali mutuufu, anti Katonda takuwa nyindo ate n'ossiza mu kamwa, oba okuwuliza amaaso mu kifo ky'amatu. Buli kintu kiteekwa kukozesebwa, ekyo kye kyatonderwa okukola. Okwo kwe kutya Katonda. Abaganda abatya Katonda ekyo bakivumirira nnyo. Eky'okusaalirwa, eyo gye tulaga, e Kkanisa etuuse okugatta abalya ebisiyaga. Ekyo lwe balikikola, e Kkanisa lw'erifa!

Abazungu bwe baamala okufunza Abaganda nga babakutudde kutuddemu ne banafuwa, nga babakozesa kyonna kye baabeeranga baagadde. Olwo ne batandika okugaziya ensi Buganda ne bagifuula Uganda. Olwo ne Buganda eyali eteereddwa mu woofeesi y'Amawanga ag'ebweru(Foreign Affairs) n'eggyibwayo n'eteekebwa mu y'Amatwale (Colonial Office), n'ekola Uganda. Eyo ye Uganda eyakakasibwa Ssemateeka wa Uganda owa 1962 nga twefuga. Omuzungu olwakola *Uganda, nga yeerabira endagaano zonna ze yakola* ne Buganda. Amakampuni n'Amakolero, byonna Buganda bye yali ekoze nga eri wamu ne Bungereza, saako n'ettaka lya Buganda gavumenti enkuumi lye yatwala n'eriyita Crown Land, eriweza sq. may*ilo 11,600, byonna byafuuka bya Uganda*, nga tebamaze nakwebuuza ku Buganda nnyini ttaka era bwe baakolanga emirimu. Era mu kwefuga, byonna byakwasibwa gavumenti eyawakati. Era ne bwe baali bagenda, tebajjukira yabakyaza, bwe baakola endagaano zonna, era tebalina kye baawa Buganda, okuggyako okuzimba Mulago nga ky'ekirabo kye baawa Yuganda yonna, nga balizimba mu Buganda. So nga ennyingiza ya gavumenti yonna, Buganda yaleetanga 90% buli mwaka, ate ne bagiwa 20% nga bakiyita "*gulanti*" (obuyambi bw'amasomero). Ebisigaddewo, nga Buganda ebyekolerako yokka.

Abazungu nga bagaziya Uganda, beeyambisa Abaganda, nga babalabye nti be basobola okulwana, awamu n'okukozesebwa. Kasita waabeerangawo obulabo, ng'Abaganda bakola ekyo kyennyini Abazungu kye baabeeranga baagala okukola.

Olw'okukolagana n'Abazungu, kyakyayisa Abaganda mu nsi Uganda, Abazungu gye baatondawo.

Bwe baamala okubakozesa mu kugaziya ensi nga bwe baali baagala, ate ne basalawo okubaggya mu magye nga babagamba nti omulimu gw'amagye gusaana "abantu abatamanyi kufuga, abantu abatali baana ba boowo, ate nga bawanvu. Abaganda basaana kusoma mirimu gya mawoofeesi egisiba amataayi, bafugenga bufuzi nga balina ekitiibwa". Baasalawo n'okugamba mbu omusirikale omulungi, asaana kubeera wa ffuuti ezisoba mu mukaaga. Kino kyaggya Abaganda bangi nnyo mu magye. Awo we waakoma obuyinza, n'obuzira bw'Abaganda mu kuba abalwanyi bannamige. Bannaffe bwe baafuna emmundu, ng'olwo engabo, obusaale, n'empiima bifuuse kikonde kikuba ali kumpi. Yatulimba nti atuddiza ebyaffe, so nga yatulekera kitiibwa, obuyinza n'abuwa abalala.

Abazungu baalwanira ku njuuyi nnya, okukakkanya n'okufeebya Obwakabaka bwa Buganda:- olwemmundu, olwebyobufuzi, olwebyenfuna, n'olweddiini nga batuzannyira ku bwongo. Awo we baayita, bannannyini nsi ne batandika okubegerwako, n'okutuusa leero. Kati bafuba nnyo okulaba nga tetweyongera kuzaala, si kulwa nga tweyongera obungi ne tubalemesa okutwala ensi eno. Bakalubya embeera n'ebeera enzibu ennyo okulabirira omwana n'okumusomesa, naawe ne weekomako wekka okuzaala ng'ebintu olaba tebikyasoboka. Abaana nabo bennyini babawaga ne bafuuka ba kiwagi, nga tebakyategeera bakadde baabwe olw'emirembe gye babawa obutagambwako. Olwo ensi n'ekula nga tekyalimu mpisa ŋŋanda.

**EBIBIINA BY'OBUFUZI**

Bajjajja ffe baatya nnyo Omuzungu n'Ebibiina by'Obufuzi. Naddala bwe baalaba ng'Abakungu bakkiriziganya n'Omuzungu. Baatandika okusala amagezi okubirwanyisa. Mu kiseera ekyo mu Buganda mwagunjibwamu ekibiina kyobufuzi ekyayitibwanga Bataka B-U; nga kitegeeza Abataka ba Buganda ne Uganda, era nga ekibiina kino kya Ggwanga lyonna erya Uganda. Ekibiina kino kyakulemberwanga Omutaka Lwanga Miti, nga bakuŋŋaanira Namirembe Bukesa u maka ge. Kyatandika mu mwezi gwa kubiri 1947, Omukulu w'Amatwale bwe yafulumya olupapula 210 nga baagala okugatta Uganda Protectorate ne Kenya Colony ne Tanganyika Territory, zonna zibeere ne Gavana omu. Buganda ekyo yakigaanirawo nga bakulemberwa Omutaka Jemusi Miti Kabazzi. Baasaba



Gavana akkirize omubaka waabwe agende e Bungereza annyonnyole wa Buganda w'eyimiridde ku nsonga eyo. Matiya Mulumba yeyalondebwa era yabuuka nga 20.7.1947. Abantu bangi baakuŋŋaaniranga wa Miti okumanya ebifa e Bungereza. Gavumenti kino bwe yakitya, yakozesa Katikkiro, Omuwanika, Omulamuzi n'Abamasaza 16 ne bawandiikira Gavana ebbaluuwa nga 11.8.1947 nga basaba Gavumenti eziyize enkuŋŋaana z'Abataka ezo, mbu nga ne Matiya Mulumba e Mmengo tebamumanyi. Nga 14.8.1947 Gavumenti yayisa etteeka eriziyiza abantu 500 okukuŋŋaana okuggyako nga bamaze kufuna lukusa okuva ewa Resident Buganda. Bataka BU kino nakyo baakiwakanya ne bafulumya akatabo "Mmambya esaze" mwe baayitanga okukiwakanya. Akatabo kano olw'okufulumya ebisasamaza abantu, kaasibya Asanansiyo Baliruno, Ssewula Kasasa ne Jemusi Miti Kabazzi emyezi esatu buli omu. Ate Miti nannyini kyapa ekyafulumya akatabo era n'atanzibwa Shs. 200.

Ensasagge eyaddako nga 25.4.1949, yali yakuzimba DAM y'amasannyalaze n'eddongoosezo ly'amazzi e Ggaba, oluvannyuma ebyafuuka ebya Uganda yonna mu 1966 nga bawambye Buganda. So nga byazimbwa ku sente za Buganda. Anti mu Ndagaano ya 1900 Bungereza yatereka era n'ekozesa ettaka lya Buganda, kati erimanyiddwa nga Mairo 9000 (lyayitibwanga Crown Land). We twatuukira mu 1945, Bungereza yali efunye ssente nnyingi mu ttaka eryo. Era mu ntandikwa y'omwaka ogwo 1945, Omubaka wa Bungereza mu Uganda yategeeza Obwakabaka bwa Buganda nti, "Kabaka wa Bungereza alina ensimbi nnyingi eza Buganda". Bw'atyo Balozi yatuma Resident Buganda e Mmengo mu Bulange, nga ekyali mu Lubiri, n'ategeeza Olukiiko nti, "Kabaka wa Bungereza ayagala okuwa Buganda esente zaayo, naye nga ayagala Buganda esalewo engeri y'okukozesaamu essente ezo".

Olukiiko lwatuula nga Katikkiro Kawalya Kaggwa ye Ssentebe. Baateesa nti Buganda ne Uganda baali bubi nnyo mu by'amakolero, era nti bukya Omuzungu ajja kuno, tetusobola kuweesa Girita, empiso, ekikwanso yadde ekibiriiti. Noolwekyo tulonde abalenzi abato abalina obwongo obwogi mu Buganda ne Uganda basindikibwe mu Bulaaya ne mu Buyindi mu nsimbi zino bayigirizibwe mu bukugu bw'okuzimba amakolero, okugaddukanya, n'okugaddaabiriza. Olukiiko lwalimu ebbugumu lingi nnyo, kyokka nga Katikkiro asirise be cce! nga abanyoomye. Ng'agamba muli nti ebyo tebisoboka, kubanga essente za Buganda so si Uganda, era nti Gavumenti y'Omuzungu ye yalina okulabirira ebitundu ebitali mu Buganda. Era nti awatali masannyalaze na mazzi, n'amakolero tegasobola kukola.

Bwe yafuluma Olukiiko yagenda wa Balozi nga asabayo kutukolera mazzi na ttaala. Yamugamba nti, "Abaganda basazeewo ga baagala Mazzi na Ttaala". Resident yasanyuka nnyo, era n'atuma Katikkiro ategeeze Olukiiko nti basazeewo bulungi, era King George VI ekyo akikkirizza. Kawalya yasirika busirisi teyabanyega.

Olukiiko bwe lwaddamu okutuula, Resident Buganda yajja nga musanyufu nnyo, era n'ayanjulira Olukiiko nga King George VI bw'abawadde mu nsimbi zaabwe amazzi n'ettaala nga Olukiiko bwe lwasaba. Bonna baasiriikirira nga tebemanyi kigenda mu maaso. Ekikolwa kya Katikkiro Kawalya Kaggwa kyasaasaanira e Kibuga kyonna n'emiriraano, era obudde okugenda okukya nga olupapula lw'amawulire Gambuuze lwafulumizza dda eggulire. Obukuukuulu bwatandika okulabika buli wantu nga beebuuza lwaki Katikkiro asabye amazzi nga tulina enzizi, asabye ettaala nga tulina emimuli ne Tadooba, n'atasaba makolero na kwetundira birime. Bino olwagwa mu matu g'Abataka B-U ne beegatta n'aba Uganda Farmers Union ne basalawo okugenda okulaba Ssaabasajja Kabaka bamusabe n'obuwombeefu agobe mbagirawo Katikkiro Kawalya Kaggwa n'Omuwanika wa Buganda Serwano Wokulira Kulubya.

Nga 25.4.1945, abantu ng'enkumi ttaano baagumba ku Wankaaki w'Olubiri nga baagala kulaba Kabaka. Baabagaana okuyingira bonna, ne beerondamu abantu munaana ne batwala mu Lubiri ensonga zaabwe ttaano:-

1 Ssaabasajja aggulewo obufuzi bwa Democracy, abantu beerondere abafuzi baabwe. Abo abaliyo babalyamu olukwe.

2. Omuwendo gw'Ababaka mu Lukiiko olukulu gutuuke ku 60.

3. Gavumenti yonna eriko eveeko olw'okukolagana ennyo n'Abazungu.

4. Abaganda basunsulire Pamba.

5. Abantu beetundire ebirime byabwe butereevu gye baagala.

Abantu bwe bataamatira byava mu Lubiri, baasalawo kusula awo nga balinda bye basabye bikkirizibwe. Enkeera nga 26.4.1949, Abasirikale baamala kukuba masasi mu bantu okugumbulukuka. Eryo ly'essasi eryasooka okukubwa mu bantu mu mulyango gw'Olubiri. Obusasamalo bweyongera ne bubuna mu Buganda yonna, era oyo ye Nnamba Mwenda (1949). Gavana Hall yanenya Uganda Farmers' Union, Bataka B-U n'Ababaka b'abantu. Luzira yajjula abasibe, nga balonzeemu abantu 12 okuba nga be baakulembera akeediimo, era be bano:-



1. Jemusi Miti Kabazzi
2. Rev. Spartas Ssebbanga Mukasa
3. Paulo Robert Mukasa
4. Joseph Nkalubo
5. Gabudyeri Lubega
7. Temoseewo Luwule
8. Samuel Nviiri Busuulwa
9. Batte Ssemberege
10. Luuwi Tebajjanga
11. Nassanayiri Mayanja
12. Yake S Kyazze.

Yo DAM yazimbibwa n'eyitibwa UEB, n'amazzi ne gayitibwa National Water & Sewarage Coperation, era bwe baagoba Kawalya Kaggwa, Abazungu gwe baalonda okubeera omukulu wa UEB eyasooka kubanga ye yagisaba n'ekolebwa mu ssente za Buganda.

Bwe baggulawo UEB, baayiiya oluyimba oluyitibwa Amasannyalaze, olwongera okulaga nga Buganda bwe yali nannyini w'okuzimba DAM eyo. Lwagendanga bwe luti:
Chr. (Omusaakaanyo):

Lwali lumu Queen lwe yakyalako eno
Nenkulabira Jjinja bw'atemagana-Naye-
Waaliwo abamu abeebuuza -Nnyabo, kiki ekyo?
Bwe yali akutte ku Manduso!
Oh! Uganda ne tujaganya, ne tudigida -Kyokka!-
Ekyali wali nagunogujwa nkya kitenda
Bwe yali akutte ku Manduso!

1. Waaliwo olukuŋŋaana -Muwulirize-
Abange waaliwo okuteesa -Kambabuulire-
Nti abaffe amazzi ga Nile - Gatusukkiridde-
Agatutwalako eggaali, gatututteko emmotoka, gatututteko abantu
Tugakolemu DAM eneetusanyusa!......

2. Ab'e Misiri olwakiwulira - Yeee-
Ab'e Sudani ne bateekako - Tbuulire-
Nti bwe mutusibira amazzi tubalwanyisa,
Tubaweereza emmundu Nnamuzisa - Hydrogen
Tebaalwa ne basitula - Tega amatu
Ne batuuka ku Katikkiro - Tubuulire
Lwaki otusibira amazzi? - Twanukule!
Omugga Nile ge mazzi gaffe - Oba si ekyo tukulwanyisa,!
Kankole amasannyalaze mulise ensi yange - etangaale ddala ddala!....

3. Okukwata oti ku Swichi nga gasammuka -Mmyaa!
Ensimbi oluzireeta, yingiza amasannyalaze ojje olabe omuganyulo
Mukyala Mary oyo nga takyawunya mukka - Yeee
Anti gafumba n'eddigobe- Yingiza amasannyalaze ojje olabe omuganyulo
Mukyala Jane oyo nga yalungiwa bulala - Yeee
Anti gafumba n'abakazi - Yingiza amasannyalaze ojje olabe omuganyulo
Mwami John oyo nga takyagula Ggirita - Yeee
Anti gakuula n'ebirevu - Yingiza amasannyalaze ojje olabe omuganyulo
Mu Refrigerator omwo mulimu Bbiya? - Yeee
Leeta tukwate ku Bbiya - Yingiza amasannyalaze ojje olabe omuganyulo
Mu Refrigerator omwo mulimu balaafu? - Yeee
Wulira obuwoomi bwa Bbiya - Yingiza amasannyalaze ojje olabe omuganyulo.......

Abayimbi tebaakoma awo, ne bayimba Kawalya Kaggwa nti, "Kawalya yali asiba bantu, n'aseerera n'agwa, kaakano asiba ttaala". Ebyo Bulange, UEB, National Water, Mairo 9000, Obote mu 1966 bye yawamba n'abiwa Uganda, mbu nga aggyeewo Buganda, Olubiri n'alwokya.

Abaganda okuva edda nga tebamanyi kulwanira bya bufuzi nga bali ku budaala, oba nga bayita mu bibiina. Buli omu kati ajja ne yeeyogerako nga yewaana nga bw'amanyi okufuga n'olwekyo bamulonde. Okwo kwe bassa obulabo bu kasendabuguzi. Omuntu akozesa obwavu obulimu bantu, oluusi n'obutamanya n'abasendasenda bamulonde. Okukakkana nga mulonze omuntu ataabagase, ate olusi ne mulonda anaabasaanyizaawo ddala. Sso nno na wano abantu be baalondanga omuntu asaanidde okukulembera, naye nga basinziira ku buzaale bwe ne ku bikolwa bye, n'okwagala ensi ye.



Erinnya ly'oyo asiimiddwa, ne liva eyo wansi nga bagenda balyongerayo waggulu okutuusa lw'ayitibwa atandike okuweereza. Eyo y'ensonga lwaki Abaganda bagendera mu mugendo so si bibiina. Omugendo ogwo gubeera gulimu abafuzi abalondebwa mu ngeri eyo ey'obuzaaliranwa etambulira ku bika n'Obwakabaka. Omuzungu bwe yakizuula nga kizibu okwawula mu bantu nga bali mu nkola eyo, kyeyava aleeta ebibiina byobufuzi.

Mu kuleeta ebibiina byobufuzi, obuyinza Omuzungu yabuggya mu bufuzi obuzaaliranwa, n'abukyayisa abantu. Era n'afuba nnyo, abantu n'abasomesa ng'obufuzi obw'engeri eyo, bwe buli obw'enkola enkadde, era obw'abantu abatali bagunjufu. Yaddira buli kalungi konna akasoboka okufunika, ng'oteekwa kukafuna ng'oyita mu bibiina byabufuzi na ddiini.Twakimatira ne tudda ne mu kati. Olwo ng'Abasajja n'abazaana ba Kabaka tetukyamulya mu ngalo. Ate nga kimanyiddwa nti, "Akuwa okulya, y'akutwala omuluka".

Bajjajja baffe tebaasobola kwawula wakati wa ddiini n'ebibiina byobufuzi. Olw'ensonga nti ebibiina byobufuzi n'ediini byajjira mu tuluba lye limu. Mu kujja muno, Abaminsane be baasooka mu 1877 & 1879, ne kuddako Abasuubuzi, Abafuzi n'ebibiina byobufuzi, n'emmundu mu 1893. Olwo n'ebendera ya gavumenti n'eddako nga balangiridde Protectorate nga 19.6.1894. Okuva olwo, Abaminsane, Abalimi ne Bannamakolero ne beefunza ettaka nga bwe twalabye edda. Bajjajja baalowooza nti ebigendererwa by'eddiini n'ebibiina byali kufuna ttaka, kufuna bagoberezi, bisobole okutegeka n'okutambuza obufuzi n'emirimu gyabyo. Mbu nti byombi kye biva bibeera n'Abafuzi ab'oku ntikko be tuteekwa okukkiriza n'okugoberera.Byombi birina amateeka agafuga Abafuzi n'Abagoberezi baabyo. Ekibiina ky'obufuzi kibeera ne kaadi y'Obwannakibiina. Eddiini ebeera ne kaadi y'Obubatize n'eyendobolo. Buli atalina kaadi mu byombi tafibwako. Byombi bivvoola, era tebikkiriziganya na ntegeka yonna ey'obutonde nga ya buwangwa obw'ekinnansi, okugeza ng'obufuzi, obufumbo, eddiini n'eddagala. Baafuba nnyo okutubiggyamu kubanga baali bamaze okukimanya nti byali byasimba nnyo amakanda mu mitima gya ffe nga tuyita mu Bwakabaka n'ebika byaffe. Abaagala ebyabazungu bagamba nti ebyonna mbu bya dda, era bituzza mabega, ate oluusi bya sitaani.

Bw'obeera Munnakibiina tokkirizibwa kutunula mu kibiina kirala kyonna, era tokolagana nakyo, ekyo bw'okikola kikugobya mu kibiina. Ne mu Ddiini ze tusoma bwe kityo bwe kiri. Ate okubeerawo mu banno nga tolina kibiina mwoli, tobeera muntu wa buvunaanyizibwa mu nsi yo. Kino kyazaala okuvuganya okwamaanyi mu bintu bingi. Eyo y'ensonga lwaki buli ayagala okufuga, oba okufuna ebirungi, oba okukkirizibwa mu

bantu banne, yeekutula ku kibiina mw'abadde, n'akola ekikye, n'afuna abagoberezi, n'agaba Obwami n'afuga. Ne mu Masinzizo bwe kityo bwe kiri. Gaalula buli olukya!

Okwo Omuzungu bwe yateekako okugaana abaddugavu okukola emirimu egibakulaakulanya, ng'okugula ppamba n'emmwaanyi, okwewola ensimbi mu banka, abaddugavu baasalawo okulwanyisa abagwira abaali bagenda okumalawo ensi yaffe, olwo ate ffe tufuuke bakireereese ne *bamasikiini* mu nsi ya boobwe.

Bw'ogattako nti buli mufuzi omulonde, ategeka okulonda, asala amagezi gonna okulaba ng'ekibiina kye kiteekwa okuwangula alemere mu buyinza, ebyo bye byaleetera bajjajja baffe okutya ediini n'ebibiina nga bamaze okulengera ebintu ebyo. Abaganda baasala amagezi okulwanyisa Omuzungu. Baagaana abantu okwewandiisa nga bategeka okulonda. Baagaana abantu okuddayo okugula ebintu mu bagwira, nga bw'ogulayo obeera obalize. Kino kye baayitanga *Bbooyikooti* ya Kamya. Wano ba Kisamba e Ntebe we baayiiyiza oluyimba olwabuna mu masomero na buli wantu nga luyitibwa "Twalinnya mu Kyoto" ; twayimbanga nti :- Chr. (Omusaakaanyo)...

Twalinnya mu Kyoto okugula ebintu,
Twamiima empombo z'amata nga za Bagwira,
Twamiima ne Bbiya Bbeero ng'oyo akaawa,
Ne twewaayo twasannyalaza buli Mugwira atunda-Yeee-
Twamiimanga -buli Mugwira atunda-Yeee-
Twewalaawala buli Mugwira atunda.

1. Nakakaawa wuliriza ebirala - eby'entiisa
Omungereza omusajja gw'owulira - mu byobufuzi
Ne ku kino yagattako ekirala - eky'Eddiini
Ate nno nazo yazaawulamu - onoowulira:
Eno ya Basiraamu, eno ya Bakatuliki, eno ya Bapolotesitanti - ha!!
Wamma ggwe ne gubula asala.....

2. Bannange abasajja baakuuba enkyuka - olw'emmaali
Bannange abasajja baakuba obuteba - olw'emmaali
bannange abasajja baayita eddembe - olw'amaanyi
Buli wodda n'owulira Freedom, Freedom ng'awulira - nti anaayitaba
Freedom freedom ng'alinga Freedom atuuse - ku ssaawa eyo.....



3. Bannange twekemba twafuna omwoyo - ogukkaanya
Bannange twekemba tweddize eddembe - mu gw'enkaaga
Twekemba twekemba twakuma omuliro - ogw'emmaali
Freedom Freedom anaabaliga nga tumuwandiika - anaaterekwa
Freedom Freedom ogw'enkaaga tulifuna eddembe - bw'onoomiima....

4. UNM UNM yatuwonya omwenge - ogw'amazzi
Omwenge gwe yagaana nga gutukaayirira - nga Quinine
UNM UNM yatundula envunza - ez'obwana
Ng'envunza zitulidde zireese n'enkyakya - ez'amaanyi
Freedom Freedom anaagaana okutundula envunza - anaawenyera
Freedom Freedon anaabaliga kumukuba Picha ye - ey'amaaso.....

5. Gavumenti nedda yakonjera abantu - ababendi
Ebbaluuwa eyinza etya okutiisatiisa ate - ey'ettumbi
UNM tegezanga kutangira abagula - mu maduuka ago
UNM tegezanga okusanjaga emmwanyi - ezabandi
Buli muntu bamuleke okuwulira eddembe - mu mmeeme ye
Freedom Freedom anaabaliga kumussa ku mpapula - ng'akyamiima
Freedom Freedom anaabaliga nga bamuwandiika - anaayiggwa.....

Olulala lwatuyigiriza Buganda bw'eyimiridde, era lye linnya lya lwo:
Chr. (Omusaakaanyo)...

Musirike muwulire Buganda bw'eyimiridde
Kabaka owaffe ayitibwa Namunswa Magulu Nnyondo
Namunswa nga wa Ntunda taba wa Kibaala
Namunswa aliba wa Nswa ki?
Namunswa aliba wa Nswa ki?; Nsejjere oba wa Nnaka?

1. Okwefuga kuzadde entaanya baganda bange
Ng'Omuganda akombye ku erima
Nga tayinza kulinnya Bbaasi, etemanyiddwa kkubo gy'eraga
Namulondo bwe eribeera eyaffe, nga tennaba nayo kumanyika
Ng'ate Emplologoma Sseggwanga Namunswa waali,
Namunswa aliba wa Nswa ki?
Namunswa aliba wa Nswa ki? Nsejjere oba wa Nnaka?.......

2. Ab'edda baageranga bati baganda bange
Nti olunda ku ntono nga ze zizo
Ebisige okutuuka enviiri tekiribaawo, tebigenda kwongera kuwanvuwa
Omuganda alibeera Muganda okuva ddi na ddi, tagenda kwogera ku Lunyolo
Bakabaka abana mu Uganda eyeefuga, bonna basaanira balamule
Abaagala okugatta Uganda neebuuza, Namunswa aliba wa Nswa ki?
Namunswa aliba wa Nswa ki? okumugattika n'Abakama.......

3. Katonda bye yagatta ebibiri muganda wange, togezanga n'obiyawula
Ate era ne we yateeka enjawulo, togezanga n'oyawulawo
Waakiri okubeera Abaddu, ne tutakyusa kufugibwa Kopokopo
Katonda gwe yayiira amafuta Namunswa yekka,
Wa Buganda wa nsikirano
Abaagala okugatta Uganda beerabidde, nga Namunswa bw'anaabeera
Namunswa alibeera atya okumugattika bannange?.......

4. Omuzungu bwe yali ng'ajja kuno, tetwamanya ng'alitufuukira olukokobe
Yajja mpolampola nga anaanya nga yeegadanga,
Ng'alinga Mbega bw'abeera
Bwe yava awo n'akukumba ebyaffe buli kintu,
N'akissa mu Ndagaano emiima
Bwetwasaba endagaano ozzikomya,
N'alalanga n'akumpanya okusinga kkondo
Kyetwava tumulumba ewaabwe okumutegeeza, ng'endagaano bw'eneebeera
Era ng'endagaano bwe zitunyiye, twagala Omuzungu adde ewaabwe....

5. Eggwanga lya Buganda Kabuti, ng'olwo Kabaka afuuse Mugabe
Olukiiko lwa Buganda Kabuti, ng'olwo Bulange efuuse dduuka
Omutoolo n'Omuganda enjawulo teribaawo,
Ng'olwo Abanyolo babuliddemu
Kintabuli gwe twagaana edda, olwo aliba nga y'ayinaayia!!
Uganda Tanganyika Zanzibar, ng'olwo zigattibwa ne ku Kenya
Oluganda lw'Abaganda lulifa baganda bange, mbu batuleetere Oluswayiri,
Olwo Omuganda ng'asigadde wa? Twayagala Uganda yeefuge,
Nga tutegedde Buganda bw'eneebeera, Nga Buganda bw'eneebeera,
Nga ekulemberwa Sseggwanga........



Ekintu kino kyayisa bubi nnyo Omuzungu, era n'afuba nnyo okuwagira n'okukuuma abo abaali baagala okwewandiisa. Abantu beewandiisa, naye okumanya ng'ebintu bino oluusi temubeeramu mazima, abo abeewandiisa wadde tebaawera, era nga baali batono nnyo, Omuzungu teyasobola kugamba nti ng'abasinga obungi bwe bakigaanyi, ka tukireke si kya Demokulaasi. Yagenda bugenzi mu maaso kukola kye yali ategese, ekyokumenyawo Buganda. Abantu aboolubatu abaalonda, be yakolagana nabo. Ekitali kya Demokulaasi, ye kye yakola. Ekigambo Demokulaasi wano we kitulemera okutegeera, kubanga wano mu Buganda, abantu 90 ku 100 Kabaka bamwagala, eyo nayo Demokulaasi. Ate engulu, Kabaka takkirizibwa abantu 90 ku 100, eyo nayo Demokulaasi. Kati bw'ogatta ebitundu byombi, awo Demokulaasi w'akubulira. Ne Sir Wiston Churchill Ssaabaminisita wa Bungereza yafa akiraze nti Demokulaasi si nnungi. Bwe yakyalako kuno n'alaba Obwakabaka bwaffe, yaddayo ewaabwe yayogera ebigambo ebyasasamaza Abangereza bwe yagamba nti, *"Democracy is the worst form of government, except when all other forms of government have been tried one hundred times"*.

Amakulu nti obufuzi bwa demokulaasi bwe businga obubi, okuggyako (mpozzi, okutuusa) ng'omaze okugezesa obufuzi obw'engeri endala bwonna emirundi kikumi kiramba. Awalala yagamba nti, *Democracy is the dictatorship of the majority. They surrender their power to you and you decide for them.*

Amakulu nti obufuzi bwa demokulaasi bwe bwa Nnaakyemalira w'abangi, ng'okkiriziddwa abasinga obungi obeere Nnaakyemalira obasalirewo.

Ate Bannabyabufuzi awo awatali kutegeeragana, we baagala. Ne bafuba nnyo okwagazisa abantu enfuga gye bayita ey'omulembe, ne tukola ebibiina, n'okulonda ne tutandika okulonda, bo kwe balinamu ekigendererwa, ate nga tekimanyiddwa balonzi.

Enkola eno empya bukya tugitandika, buli omu alabye oludda ensi gy'etutwala. Abanoonya obululu, beekweka mu bintu abantu bye baagala, ne balimba nti bajja kubibatuusaako. Abantu ne babuguumirira, ne babalonda. Olutuula ku ntebe, nga babagamba nga ebyo bwe bitasoboka, nga bwe byagala okutuula awamu n'abalala bonna bamale kukkiriza. Ffenna kati tutandise kulwanira bufuzi. Era ekivudde mu ekyo, be bantu obutakyassa kitiibwa mu bafuzi abalonde ab'ebibiina. Abantu nga baagala bafuzi ba nnono. Ekintu ekifuula abafuzi abalonde okubeera abakambwe, ne tutuuka n'okubayita bamusibira mu bbwa. Obufuzi nabwo wano we buggweereddemu amaanyi.

Anti kati balonda abantu mwenda ku buli ddaala, okuviira ddala eyo wansi okutuuka waggulu. Bagenda bakyusa amannya gaffe ag'Obwami; Owekyalo, Owomuluka, Owaggombolola n'Owessaza ne bagakyusaamu bye baagala. Naye abo abantu omwenda, tebakola mulimu ogwakolebwanga Omwami wa Kabaka ow'omuluka omu bw'ati, ng'ali n'omutongole we. Bano kati baliwo kulya nsimbi za muwi wa musolo.

Ekyekitalo, entegeka eno "ennungi" Omuzungu ze yaleka, bannaffe abadda mu bigere bye baazivaako edda. Abazungu baali bagaana Abakozi ba Gavumenti okwenyigira mu byobufuzi, basobole okukola nga baweereza Gavumenti yonna ebeera ezzeewo, n'omutima gumu, nga tewali kyekubiira. Ate bo bannaffe abadda mu bufuzi, bo bagamba nti abakozi ba Gavumenti basaana babeere ba kibiina ekibeera mu buyinza, basobole okukola n'obwesigwa, n'okwagala nga tebakotoggera Gavumenti yaabwe. Awo babeera banoonyeza bantu baabwe mu nzikiriza ya bya bufuzi mirimu. Ne bwe babeera nga banafu mu mirimu, bagibawa. Kino kitegeeza kukyusa bakozi ba Gavumenti buli luvannyuma lwa myaka etaano nga Gavumanti ekyuse; bw'e beera ekyuse! Tebakoma awo wokka, bagaana Abafuzi ab'ensikirano, Abaawule, Bafaaza, Bamaseeka bonna okwenyigira mu byobufuzi, nga balinga abagamba nti bo tebabitegeera, oba si batuuze. Sso nno babeera babatya buti olw'okubeera n'abagoberezi abangi, ante nga babawuliriramu nnyo.

Ekirala ekivudde mu kulwanira obufuzi, abavubuka nabo bavuddeyo nga baagala okugoba abakadde mu bifo, nga bagamba nti abakadde balidde ekimala, kye kiseera nabo abavubuka balyeko. Era bagamba nti abakadde obukulembeze tebakyabusoobola. So nga kisaana kimanyibwe nti omuntu azaalibwa n'amagezi amazaale, akula nago gakula. Omuto tasobola kusinza mukadde magezi amazaale. We waawo omuto asobola okusinza omukadde amagezi amasome. Naye bwe kiba kyetaagisa okukozesa amagezi ag'ebika byombi n'obumanyirivu, omukadde y'abeera asingako. Abasinga obumanyirivu, ng'ebintu ebizibu n'ebyangu by'abeera ayiseemu bingi. Ebisinga abeera addamu bidde, so ng'omuvubuka buli kiba kijja, ng' ogwo gwe guba omulundi gwe ogusooka okukiraba. Ekintu ekimuleetera okupapa, oluusi n'okujjula etayidde. Abavubuka abaakyalina amaanyi, basaana kuyigira ku bakadde nga bakola nabo.

Ate n'okulonda, twali tetunnatuuka ku mutindo gutegeera ngeri gye tugwana kulondamu bantu batuufu. Obukodyo bw'okulonda tetwabutegeera, era tetubumanyi. Engeri abeesimbyewo gye basooka okweyogerako, osanga omusege ogumanyi okwogera



nga gwekwese mu ndiga, nga gufuba okutegeeza abantu ebintu ebituufu bye baagala, nga bafuba okubamatiza nti bo bokka be basobola okukola omulimu ogwo. Bafuba nnyo okuliisa abalonzi, nga banoonya engeri gye batuuka mu buyinza basobole okyusa enkola yaffe eyaloberanga abantu abakyamu okujja mu buyinza. Enkola eno evumirirwa nti mwana w'ani nkyamu. Ate mu njogera eyo mwe beekweka ebifo ne babiwa bantu baabwe bokka, kubanga be b'endowooza. Ekyo n'okwegula bibayamba okuwangula okulonda okuddako. Ate olaba waliwo n'enjogera egamba nti ali mu buyinza bw'ategeka okulonda ne bamuwangula, abeera tamanyi ky'akola! Ate bw'olekulira, abakulya mu ngalo tebakkiriza, nga bakugamba nti oli mutiitiizi.

Omuntu eyesimbawo bamulonde, akola ebintu bino:-

1. Anoonya, yeewola ssente nnyingi nnyo okusobola okukola bino:-

a) Okwewandiisa,

b) Okukubisa ebifaananyi n'ebipande,

c) Okufuna entambula okutabaala ebitundu mwe yeesimbye,

d) Okwegula mu balonzi- anti bakubuuza nti otukoledde ki?

e) Okusasula abakozi abamunoonyezaako akalulu.

2. Ng'atabaala mu bantu:-

a) Alimba abalonzi nti ajja kubakolera buli kantu, ne ky'amanyi nti mu mazima takisobola, akibasuubiza asobole okuyitamu.

b) Asiiga banne enziro, n'okuboogerera ebikankana ne bwe biba nga sibituufu, nga kyagenderera kubakyayisa eri abalonzi, balonde ye ''atalina'' nziro.

c) Okwegula mu balonzi.

Abalonzi nabo bwe bamala okwetunda, nga balimba abantu nti, ''Ffe tulonda asobola, tunoonya busobozi, so si wa omuntu gy'ava''. So nga obusobozi bategeeza oyo asobola okugula abalonzi, so si kuweereza, oba kumanya bantu kye baagala. Okugenda okubiyitamu ebyo byonna, ng'obutitimbe bw'ensimbi bw'osasaanyizza buyitirivu. Abantu bangi batunda ebyabwe nga baperereza obululu, basobole okuyitamu. Abalala n'okwewola ne beewola. Olwo ne batandika okugula abalonzi nga bwe basobola!. Ate n'abalonzi nabo ne batunda eddembe lyabwe awamu n'ensi yaabwe olw'ebitole bya sabbuuni, nga beerabidde nti omuntu ng'oyo bw'ayitamu, ateekwa kusooka kununula na kuzzaawo ebyo byonna bye yaggyawo ng'akola omulimu gw'okunoonya obululu. Afuba nga bw'asobola okwezza buli kantu asobole okusasula ebyo bye yalya, ne bye

yabasaasaanyako. Kye bava batayitamu ate nga bamaze okwegula, ne wabeerawo obulabe wakati awo, obuvaamu n'okutiŋŋana.

Ekyennaku; musobola okuteeka omuntu mu kifo, naye temusobola kumuggyayo okutuusa ng'amazeeko emyaka gye, ng'amaze n'okutuukiriza ebikolobero ebyamutwala okukola. Okusooka amanya olunaku lw'ayingira mu kifo ekyo era ng'amanyi bulungi nnyo olunaku lw'alifuluma; anti n'akyekola!

Munnaffe ono Omuzungu eyalina ekigendererwa, olwalaba ng'eddiini emaze okuloka n'okutwawula, yasala mangu nnyo amagezi n'afuba okwongera okutwawulayawulamu ng'ayita mu bibiina by'obufuzi. Ebibiina n'eddiini byaleetebwa Muzungu. Ekyokusaalirwa, buli ddiini ya Muzungu, yakola ekibiina ky'Obufuzi. Okisanga nga ensibuko y'ekibiina eri mu ddiini mw'eva n'eryoka esaasaanira Uganda yonna. Olw'akabbinkano n'akakuubagano ebyaliwo olw'eddiini, waaliwo Bakatikkiro babiri, Stanislas Mugwanya nga ye Katikkiro w'Abakatoliki, ate Apollo Kaggwa nga ye Katikkiro w'Abapolotesitante. Kubanga si kya buwangwa Buganda okubeera ne Bakatikkiro ababiri, baasalawo Mugwanya ne bamuggya ku Bwakatikkiro ne bamuwa Obulamuzi. Kino kyanyiiza Abakatoliki nti bo basosolwa tebasobola kulya Bwakabaka wadde Obwakatikkiro.

Baateekawo ekibiina ekyali kijja okulwanyisa obusosoze obwo mu Bwakabaka. Ekibiina kyalimu Sebasitian Kibuuka, Matayo Mugwanya eyaliko Omulamuzi n'abalala. Baafuna obuyambi okuva mu Bakatoliki ba Gerimaani ne baleeta emmotoka Valokisiwagoni Minibaasi Kalawuli 55, ne bazissa e Kisubi. Zaavugibwanga ekiro ne batuuka ku buli kitebe kya Kereziya mu Buganda, nga bagenda basomesa abantu baabwe. Beeni Kiwanuka bwe yadda mu 1954, n'aleeta amagezi nti ekibiina kifuuke kya bufuzi, olwo kibasobozese okufuga Yuganda. Olwo lwe balisobola okubeera n'obuyinza okyusa enkola enkyamu eri e Mmengo. Wano Beeni Kiwanuka we yafuukira Omukulu w'ekibiina ekyaleeta Demokulaasi, nga obukulembeze abuggya ku Matayo Mugwanya. Wano ekibiina we kyafuukira Democratic Party mu 1954. Mu 1961 yakikulembera ne kiwangula okulonda okwazirwa mu Buganda, n'afuuka Chief Minisita. Olw'ekigendererwa kye baalina, ''eky'okulongoosa'' Mmengo, Beeni yagaana okuwa Buganda Federo mu London Conference. Yamanya nti Yuganda bw'ogiwa Federo, Buganda n'emala efugibwa ku musingi gwa Federo, ebeera tejja kusoboka.



Beeni yagaanira ddala okuwa Buganda Poliisi, Bbanka, Kkooti nga tayagala Buganda efuuke eggwanga eryetongodde mu Uganda. Era kye yava yeekandagga, n'afuluma olukiiko olwali luwagira ekiteeso kya Buganda, Yuganda okufuna Federo. Ng'ayagala nti Kabaka bw'aba ayagala okufunira Buganda bye yeetaaga, yali alina kukiika wuwe e Ntebe. Era bwe yava mu lukiiko e Bungereza, yakuba olukuŋŋaana ku ssaawa ya Kwini mu muti ogw'eddembe, n'agamba nti, *"Buganda okwekutula ku Yuganda, tekisoboka. Oba Kabaka alina ky'ayagala, alijja ewange e Ntebe, ne tuteesa, muwe by'ayagala"*. Kino kyanyiiza nnyo Abaganda. Era waaliwo omukazi, yali mukulu bulungi, ataategeerekeka mannya ge, eyaggyayo ebbeere mu ssuuka gye yali yeesibye, n'aliraga Beeni, n'amugamba nti, "Bwoba nga wayonka ku bbeere lino, wano mu Buganda, bw'olyegwira!" Olwamala okwogera ebyo, n'abulawo.

Abaganda okulowooza nti DP teyagala Bwakabaka, kyagifeebya nnyo mu Buganda. Baalowooza nti okuzannyira ku Bwakabaka kityoboola era kiweebuula Abaganda. Kino kyabawaliriza okutondawo ebibiina byobufuzi okuzzaawo ennono yaffe. Baatondawo KY ne UMTU (Uganda Monarch Traditionalist Unity -1963). Ekibiina 'Kabaka Yekka', nga kino kye kibiina eky'omugendo ekyasookera ddala wano mu Yuganda, kyayingirwamu buli muntu eyali ayagala Obwakabaka busigalewo mu bitundu mwe bwali. Si nsonga oba Musiraamu, Mukatuliki, Omupolotesitante, Musamize, wadde Muganda oba nedda. Kino kyayawukana ku byaliwo ebyatandikira ku musingi gw'eddiini. Abantu bonna abaali bamanyi nti Kabaka kye kifundikwa, ye Namunswa akuuma ekiswa obutafuluka, bonna baakiyingira. Abatali Baganda abaali mu Buganda nga baagala okutambulira awamu n'Abaganda, nabo baakiyingira. Bangi abataali Baganda, naye nga baagala Abaganda n'Obwakabaka, nga nabo baagala ebitundu bya bwe bitambule nga Buganda, baakiyingira.

Wano Obote we yasalira amagezi n'afukaamirira Kabaka, KY n'ekola omukwano ne UPC. Buli KY we yateekanga omubaka, nga UPC teteekawo. Kino kyakolebwa nga abantu banoonya kuleeta nfuga ya FEDERO mu Uganda. Ekyakabi, oba lwali lugambo olw'abo abalya mu lulime ne mu luzise, oba gaali mazima, oba ye yali entegeka ye, Obote yakyuka bubi nnyo ng'awulidde nti waaliwo Abaganda abaali baagala okumuggyako, nga kiva ku masaza gali abiri agazzibwayo e Bunyolo. Ekyasingayo obubi ekitasonyiyikika Obote, kwe kuyigganya buli Muganda Nnalumanya ne Ssaalumanya. Omulamu n'omufu. Azaaliddwa, n'atanazaalibwa! Omuntu n'atuuka n'okwevuma Obuganda. Abaganda abaali balya mu lulime ne mu luzise, be baaloopanga buli kantu okuva e Mmengo ne

bakabuulira Obote. Omuze gw'Abakungu ba Kabaka ogw'okwekwata Gavumenti eyawakati ne baabulira Obuganda, gwava dda mabega eyo nga bwe twalabye edda. Guzze gukula ng'eno bwe gugenda mu maaso okutuukira ddala ku mulembe gwaffe guno.Obote yeekyusa n'amenya obwesigwa, n'aggyawo omukago n'atugamba mbu, "Obufumbo bwali bwa kyetaago, so si bwa kwagalana. Ago gaali madaala" Obote bwe yasaanyaawo Obwakabaka mu busungu obungi ennyo, nga 22.9.67, lwe yalangirira okuggyawo Obwakabaka bwonna mu Yuganda, olwo ensi n'efuuka eya kyetwala. Yakyawa buli Muganda eyali talowooza nga ye.

Abasinga obungi baanenya abatta omukago, olw'enzikiriza mu ddiini ne mu byobufuzi ne kibagaana okulaba ani yalina ensobi. Bangi baanenya, era bakyanenya eyatta omukago, ne batanenya oyo eyagumenyawo n'agusobya. Olugero "Kiiso kya mbuzi" ne lutuukirira. Ekibiina okwegatta n'ekibiina ekirala okuggyawo omufuzi abeera mu ntebe, kyali kipya wano mu Uganda, naye nga kyabulijjo eyo ebibiina gye byava. Era ebibiina bwe birisigalawo ne bigenda mu maaso, abo bennyini abanenya KY okwegatta ne UPC, nabo balikola ekintu kye kimu. Bwe baliwangula ne bakola gavumenti wano mu Africa, era balitambulako katono ne basasika, ow'amaanyi n'amira omunafu.

Abaganda ekintu eky'enzikiriza mu madiini kyabalemesa okumanya omulabe waabwe, ne kye baagala. Ekyokwekweka mu diini, kyatuggya nnyo ku mulamwa. Awo ne tulemwa okwawula omulabe waffe ku balala. Singa tebyali bika byaffe nga gwe musingi ogutukutte awamu, ebintu gye byali bituuse, singa tewakyali bantu bayitibwa Baganda.

Abaakola omukago, baali balina endagaano gye baakola ne Obote era nga bamwesiga. Abaagikola, bakkiriziganya ne UPC obutavuganya na KY mu kulonda okwo. Oluvannyuma bakole gavumenti ey'omukago, era nti Kabaka y'aba abeera nga y'adda mu kifo kya Gavana, ng'Abaganda balowooza nti kino kyali kibawonya. Kino Obote yakituukiriza. Ekigambo ky'okufuula Muteesa II Pulezidenti wa Yuganda kyali kizibu nnyo eri Obote. Nga bo aba UPC nga n'Abaganda mwe bali, baali baagala kuteekawo Nadyope, kubanga ye yali owa UPC. Kyamala olunaku lulamba n'ekitundu nga benyoola mu Palamenti nga Obote naye asimbye nakakongo, nga tayagala, oboolyawo kumenyawo ndagaano. Kyasalibwawo eyo mu ttumbi nti kale Nadyope abeere Omumyuka wa Pulezidenti.



Naye oluusi amazima ne bwe gaba gakaawa, kirungi okugoogera. Kyakusaalirwa nti Beeni Kiwanuka teyasobola kutuula na Muteesa eyali mukwano gwe nfiirabulago. Anti Beeni yasomera ku sente za Muteesa. Bwe yamala okukuba omusomo oluku mu mutwe, ekirabo Muteesa kye yawa Beeni, lyali ttaka ddene nnyo e Mutungo. Mu kifo ky'okujjukira ebyo, Beeni yasalawo kugamba Baganda nti, "Kabaka bw'aliba ayagala, alijja ewange ne tuteesa ne muwa by'ayagala". Ekyo kyanyiiza Abaganda ne basalawo n'okugenda ne Obote eyasobola okutulimba nga yeefukamiza ewa Kabaka. Abaganda baanyiiga bubi ne beerabira olugero lwaffe olugamba nti "Akuba owuwe akuba awumba engalo". Oba olya awo Beeni singa baamulekako teyandituuse Obote we yatutuusa. Mu kifo ky'okutuula awamu ng'abantu abeerabidde ebyayita, bateese ekyokukola, bazuule eyali mu nsobi anenyezebwe, basobole okugolola ensobi ezo, baatandika buli omu kuwalana munne na kumwogerera nti, "Mwe mwatuleetera Omusajja". Beekweka mu ddiini abalala nga banoonya okulya beegatta n'abafuzi abalonde ne balya mu nsi yaabwe olukwe, ne bakyawa Abafuzi abensikirano.

Era eyo y'ensonga eyagaana Abakungu abamu abo abaakwatibwa omuze ogwo, eyabalemesa okuyamba Muteesa II mu lutalo olwa Maayi 24, 1966. Muteesa bwe yadduka mu Lubiri, yasookera wa Kadinaali Nsubuga e Lubaga. Nga yeekwese eyo, yakubira Omukungu omu essimu amuweereze emmotoka basobole okudduka ekibabu ky'Obote. Omukungu ono yalina obusobozi, kubanga yalina emotoka, era yali asobola okulagira omuntu yenna n'atasobola kugaana kuyamba Muteesa. Yasalawo kukubira Obote kumubuulira Muteesa we yali yeekwese. Bwe waayitawo eddakiika 15 ng'Omukungu takubye ssimu kubategeeza kyali kigenda mu maaso, Muteesa ne banne ne basitula ne batambula, nga Kadinaali amaze okubasiibula n'essaala. Waali waakayitawo eddakiika 30 nga bagenze, Amagye g'Obote ne geetooloola amaka ga Kadinaali. Kadinaali yababuuza nti, "Mwagala ki wano?"

Ko bo nti, "Tunoonya Kabaka".

Ko ye nti, "Olubiri lwe luululi mw'abeera".

Ko bo nti, "Batugambye nti ali wano".

Ko ye nti, "Muyingire mumunoonye".

Tewali we bataatuuka. Ne mu Kasolya (Ssiiringi) *baamulisaayo*. Muteesa bwe yababula, ne bagenda nga beesooza nti, "Oli atulimbye bulimbi". Kadinaali yafa atugamba nti ogwo gwe mulundi gwe yali alimbyeko mu bulamu bwe nga Kadinaali. Era abasirikale bwe baagenda yafukamira ne yejjusa, era n'ayongera okuweereza Muteesa essaala. Wadde okuweereza Muteesa sente ng'ali mu kizibu e Bungereza, Omukungu oyo yawa Obote amagezi obutakkiriza kusonda nsimbi kuziweereza Bungereza. Bw'atyo Muteesa n'aseererera mu bunaku obukaabya n'amaziga. Obote yali mutuufu bwe y agamba nti: "Ekiritta Mmengo, kiriva Mmengo". Nakati we twogerera ebigambo by'Obote bituufu. N'ekigambo ekirala, kye tutayinza kwerabira, Obote yayogera nti: "Olwalaba Kabaka ng'akutte ati Bayibuli okulayira, ne manya nti oyo mumaze". Ekyo nakyo kyayingira nnyo mu mitima gy'Abaganda. Kale Abaganda baakyawa Obote. Kati ne bw'akola gavumenti n'agikolera mu Muvumenti, bagiddukamu! Era n'Omuganda akolagana naye, bamudduka. Wadde omufuzi omulala yenna kasita azannyisa Obwakabaka n'okujolonga Abaganda bye baagala, ng'oyo naye bamukyawa, ng'asigalidde kufugisa mundu, so si mukwano na "Demokulaasi".

Abafuzi abayita mu bibiina kye babeeredde, baagala ebibiina nga tebanajja mu buyinza. Bwe bamala okutuuka mu bufuzi, ng'ebibiina babikyawa, nga basalawo okubiggalawo balekewo kimu kyokka ekyabwe, mbu ebibiina ebingi bitabula abantu. Olwo nga buli atakkiririza mu kibiina kye abeera mulabe, ng'amusiba emimwa. Okufuga abantu ng'oyita mu kibiina ekimu, Muteesa II yakyogerako bw'ati,

*" Ssaagala kulaga bibi wadde ebirungi ebiri mu kufuga ensi nga tukozesa ekibiina ekimu. Wabula ekikulu kiri nti tulina endowooza ez'enjawulo mu bantu baffe nyingi nnyo, nga tewali kibiina kimu kisobola kuwumbawumba wamu ndowooza ezo zonna. N'olwekyo kiba kya bulabe okufuga abantu nga bafugirwa mu kibiina kimu. Abamu balowooza nti Buganda efugibwa ku musingi gwa kibiina kimu. Ekyo si kituufu, kubanga endowooza ez'enjawulo zetulina mu Buganda, zikolebwako ebika eby'enjawulo bye tulina".*

Mpozzi Muteesa olw'obutaba na mutima gulumya muntu, kyeyava tasalawo kukwata Obote, ate ye Obote n'asalawo okulumba Muteesa. Wadde akaseera kaali kazibu okuva nga 24.5.1966 Obote lwe yakuba Obuganda n'okuyigganya buli Muganda, Abaganda abamu nga mulimu n'abo abaakyayibwa olw'okwogera ne Obote, baagenda mu maaso n'okusabanga Obote okuzzaawo Obwakabaka. Kino bazze bakikola buli mulundi lwe



waba wazzeewo enkyukakyuka mu bufuzi bwa Uganda. Kubanga ekyo Abaganda kye baagala bakimanyi, era nga bakitegeera bulungi. Tebagenda kukivaako okutuusa nga bazzizzaawo kye nnyini ekiri mu nnono yaabwe, mu butonde Mukama kye yabawa ng'ekirabo. Olw'okuddiŋŋananga ekintu ekyo, ettondo ly'amazzi lye twalabye, we lyakolera ekituli mu lwazi, abafuzi ne bakitegeera nti okuggyako nga bakola Abaganda kye baagala, tebagenda kutuuka ku buwanguzi. Buli ayagala okufuga wano, asooka kuba ng'akkiriza Abaganda kye baagala, asobole okutuuka n'okunywera ku bufuzi. Ate oyo bw'amala okutuuka, ne yeekyusa n'akoma mu kkubo, kubanga ateredde. Oyo nga naye Abaganda bamuvaako, ebintu nga byonooneka.

Wadde waliwo abantu abataagaliza Buganda birungi mbu kubanga beeyagala nnyo era baagala nnyo eggwanga lyabwe, bagezaako nnyo okukyayisa abantu abalala Federo, Buganda ereme kwongera kukulaakulana. Eno y'ensonga lwaki Abaganda Federo baagenda bagisomesa abantu bonna aba Yuganda okugibaagazisa era n'okutegeera nti nabo okufuna emirembe nga ne Buganda erina emirembe. Era kati nabo bagyagala. Kino kyalabikira mu kiwandiiko ky'Omulamuzi Odochi eyagamba nti, "Abantu 67% mu Yuganda yonna, beetaaga kufugibwa mu Federo. Ate mu Buganda baali 97%". Omufuzi okugaana okukola abantu abasinga obungi kye baba basazeewo, kiraga nti omufuzi oyo abeera yeerabidde, oba nga tamanyi Lulattini bwe lutugamba nti, "*Vox Populi, Vox Dei*", amakulu nti "Ekigambo ky'abantu, ky'ekigambo kya Katonda", oba nti "Katonda ayogerera mu bantu". Kino kiba kitegeeza nti luliba lumu abantu bonna mu Yuganda balikkaanya ne bakimanya nti balina kusooka kulongoosa byabwe, nga tebanatandika ku naaayiza bya baliraanwa. Abantu bangi nnyo abeeyiwa mu kitundu ekimu nga balese baganda baabwe eyo ewaabwe gye bava, nga tebalinaayo nkulaakulana yonna. Batabani baabwe bakulaakulanya bitundu gye baddukira. Omuntu mulungi alumirwa abantube, asooka kwerongoosa awaka we, n'alyoka atambula mu kubo ng'alibulungi. Federo y'engeri yokka abantu abasangibwa mu bitundu byabwe okusobola okukuuma Olulimi, Obuwangwa, Ennono, Ettaka, n'Obugagga bwabwe okufaanana nga Dr. Aggrey Achimota bwe yatukuutira. Buli muntu olwo ajja kweyagalira mu kitundu kye nga kimuwa emirimu. Kino kye kigendererwa kya Federo. Buli kitundu kisobole okwekulaakulanya nga kikozesa eby'obugagga bwabwe bo bennyi so si kutwalibwa bantu bonna ku lw'obulungi bw'eggwanga.

Tulina kugenda mu maaso nga tusomesa abantu, okutuusa bannaffe bonna lwe balitegeera ekigendererwa kya ffe nti tetwagala kubagoba muno, wabula okutereeza. Nga tujjukira nti amaawule, tegookya mimiro! Tewali kyanditiisizza bannaffe, kasita obukuumi(security)

n'ebyenfuna(economy) bisigala mu gavumenti eyawakati, olwo ebitundu byonna bijja kukula. Anti buli kitundu kisigaza 20% ku buli kyabugagga ekivaayo. Okwo bw'ogattako sente n'obuyambi gavumenti eya wakati by'ewaayo, ekitundu tekisobola kusigala mabega. Buli kitundu kiwa omusolo okusinziira ku bugagga bwe kirina. Ate n'obubbi bukendeera kubanga omubbi teyebba, abba bya banne. Buli sente lwe zibeera wakati, zibeeranga ezitali za kitundu gundi.

Luliba lumu ne tufuna kye twetaaga. Anti addiŋŋana amawolu! Ate mu Lulattini n'akugamba nti, "*Gutta cavet lapidem, non vi sed seaper cadendo*!" amakulu nti ''Ettondo likola empuku mu lwazi, si lw'amaanyi ge lirina, wabula olw'okutonnya olutentezi". Ate ye Omuziba ng'ayongera okukugumya n'akugamba nti, "*Mbere maawe, bulija e Ssese, buligoba*". Amakulu nti, "Bw'ofuba nga bw'oguminkiriza, obwato bugenda e Ssese ne butuuka". Anti okuva e Kasensero ku mwalo okutuuka e Ssese wala nnyo ate nga wazibu mu kaato ak'enkasi. Eriyo omuyaga, eriyo envubu, ate era nga n'okubula kyangu.

Wano jjolyabalamu, Abaganda beenyigira mu lutalo, bo nga baagala kuzzaawo Bwakabaka. Buli eyeenyigiranga mu lutalo e Luweero, ng'amala kwekkaanya n'okwekakasa ensonga y'Obwakabaka omutali bibiina bya bufuzi, omutali kwawukana mu ddiini, era omutali Bukominisiti. Kino kyali bwe kityo kubanga ebibiina by'obufuzi byali byalemwa okuteekawo obufuzi obw'emirembe, obusanyusa abantu, bw'ogeraageranya n'obufuzi obwabeerangawo ku mirembe gy'Obwakabaka. Anti mu bufuzi obw'ekizaaliranwa, omutaali bibiina bya bufuzi, ng'olina kweyisa bulungi ku kyalo, n'otegeeragana ne banno, ng'otegeera, era ng'owulira n'omwami w'ekyalo. Olima ekituli (kitundu) kyo eky'oluguudo, ng'owa omusolo, nga weenyigira mu mirimu egikulaakulanya ekitundu kyammwe. Olwo nga ne bw'oba omugwira n'ogaggawala n'ofuuka binnyonkondo, oba ffugge, oba byomere, oba ne bwe wabeeranga omwavu lunkupe, ng'oyitibwa Musajja oba Muzaana wa Kabaka. Nga tebamusosola.

Obukominisiti baabutya, kubanga bamanyi nti tebwagala Bwakabaka. Abantu bwe baamatira nti kasita bawangula olutalo, ekintu abasinga obungi kye baagala kye kirikola, wano Omugendo we gwakwatira Abaganda omubabiro, nga bamatidde nti, ''Tulwanire mu gwo, tufune kye twetaaga, ly'eddembe". Eddembe eryo okufunika, ng'omufuzi tafuga kutunoonyamu nsimbi zokka, wabula okukulaakulanya abantu n'ebitundu by'ensi. Omufuzi oyo Ng'ayita mu kasengejja oba akakuŋŋunta kaffe aka mwana wa ani?, awo n'alyoka alya Obwami. Omwami eyalyanga Obwami mu ngeri eyo,



baamwagalanga nnyo, yalinanga ekitiibwa n'obuyinza, kubanga yakakasibwanga n'alayizibwa Kabaka. Buli mwami okuva ku Owoomuluka, yagendanga ewa Kabaka okweyanza. Omuntu bwe yatunulanga ku Mwami avudde ewa Kabaka okweyanza, wamma ggwe ng'Omwami oyo afuuse mufuzi wa njawulo. Ng'alina ekitiibwa kingi ddala, nga buli ky'alagira okukola kikolerawo, kubanga obuyinza yabuggya wa Mutanda. Anti ew'Omutanda nga Katonda y'abeera akuwanzeeko eddusu okugendayo, n'akuwa Obwami. Nga si buli omu asobola okugendayo.

Buno obufuzi obunoonyezebwa mu bantu bannafe, nga buyita mu kalulu, bwangu okufuna kubanga buli omu asobola okulimba. N'oyo asobola okwegula basobolera ddala okufuna obufuzi. Wadde ng'abantu abo tebava mu musaayi omufuzi oba okuva mu bifo omukulira abafuzi, ng'Olubiri n'Ebisaakaate. Kino kyafeebya Obufuzi bwaffe n'ensi yaffe. Kyatuggyako obufuzi bwaffe, n'obugagga bwaffe. Okugeza ettaka lya Buganda eriweza mayiro omutwalo gumu mu enkumi nnya. Eno y'ensonga lwaki Abaganda bakyagenda mu maaso nga basaba ebyabwe ebyabaggyibwako olw'empaka ku mulembe gw'Omuzungu, amale abireke mu mikono gy'abo be yaleka mu bufuzi, baatakolangako nabo ndagaano.

Mayiro ezo Omuzungu yalimba Abaganda mbu yali azizzizza, ng'azirekedde Gavumenti eya wakati. Gavumenti eya wakati nayo mu kugezaako okuggyawo Buganda, ng'ekolera ddala nga bakama baabwe Abangereza, yaddamu n'ezinyaga, n'ezifuula eza lukale (Republic Land). Gavumenti eya wakati kati erikozesa nga bw'eyagala awatali agikuba ku mukono. So nga Buganda yali esazeesaze amalundiro ga mayiro abiri abiri, gaweebwe abalunzi. Eno nga ye yali engeri yokka eyali ey'okukuuma ettaka lya Buganda, nga likulaakulanya Buganda. Kati gano ge malundiro Gavumenti eya wakati g'egenda esalaasalamu mayiro ttaano ttaano, ng'ezigaba nga bw'eba eyagadde. Gavumenti kyeva efuba n'ekola amateeka okulaba ng'erina obuyinza obujjuvu ku ttaka lya Buganda. Okugeza, baafuba nnyo okukyusa akawaayiro mu Nnono yaffe, akagaana Abagwira okufuna wano ettaka. Omuntu bw'abeera ku ttaka eritali lirye, n'amalako emyaka 12, nga lifuuka lirye. Omuntu oyo ng'ali ku ttaka lyo, asasula Ssiringi 1000 buli mwaka. Omuntu bw'amala okukyusa ettaka, nga ggwe nyini lyo ofiirwa kubanga walwawo okukirwanyisa. So nga bwe bakukwata n'emmundu wadde luvannyuma lwa myaka, era bagikuggyako, n'okukusiba ne bakusiba. Wano we baafunira omwagaanya okutandika okwegazaanya nga bwe baagala. Era Omuzungu yali yakyusa e Mbuga ya Kaggo e Mbuya ne bateekayo amagye, Kaggo ne bamuzza e Kasangati. Twasigaza njogera etujjukiza kino nti, "Nja kukuyisaako Ow'e Mbuya (Kaggo)". Kitegeeza kukukuba.

Emirimu Gavumenti ez'ebitundu gye zisobola okwekolera, n'Obuyinza obukola amateeka agasobola okufuga ebitundu byabwe, byonna byasigala mu mikono gya Gavumenti eyawakati. Awo nno Abaganda n'abantu abalala abava mu bitundu ebirala, abateenoonyeza byabwe ku bwabwe, naye nga baagala kukulaakulanya bitundu byabwe, byonna byakoma awo. Y'ensonga lwaki abantu bajja kwongera okulwana mu bigambo ne mu bikolwa nga basaba Obwakabaka bwe baagala, nabo abatabulina okusaba enfuga bo gye bamanyi, kubanga Katonda ye yategeka n'agabira buli kitundu, nga ye bwe yalaba. Abantu abatya Katonda bakimanyi nti luliba lumu ebintu ne biddayo nga bwe biteekwa okubeera, anti Katonda ky'agaba tekikyusibwa.

Nga bwe bagamba nti eyatta kitaawo takukuza, abafuzi abadda mu bigere by'Abazungu, nabo baakolera ddala nga bakama baabwe be baddira mu bigere. Olwalaba ng'okugenda mu maaso mu Buganda kwali kusimiddwa omusingi omugumu, Obwakabaka bwa Buganda we bwaggyirwawo nga babweraliikiridde nnyo. Kabaka yali atandise okulonda aba Ddiguli okubeera Abaamagombolola, okutuukira ddala ku Bwakatikkiro. N'abakulira emirimu mu bitongole eby'enjawulo bonna baali ba Ddiguli. Abafuzi abo ne bamanyira ddala nti Buganda tejja kusoboka. Era nabo kye baakola kwekutambulira ku mateeka g'Omuzungu ge yaleka okunyweza Buganda n'okugiggyako ettaka lyayo. Okugeza etteeka ly'ettaka lyasigala nga bwe lyali ku Muzungu eyeyagala okutwala ettaka eryo. Omuntu bw'akubbako ettaka n'alikyusa nga tonamuwaabira, wadde alikyusizza mu mannya ge malala, n'alaga ng'alitunze, nga ggwe nnyiniryo olifiiriddwa kubanga walwawo. Eyagula abeera *'bonafide'*. Ebyo tebimukwatako, yagula tamanyi. So nga omuntu bw'abbibwako eggaali oba motoka, oli ne bw'agitunda, we bagikwatira wonna bonna babavunaana gwa bubbi. Eyagula bamuvunaana gwa kugula bibbe. Bonna ekintu ekyo kibafa ne kiddira nnyinikyo eyasooka. Ettaka si bwe kiri. Eryo liba likufudde. Ate bo bannaffe bagula ne baba n'ebifo bibiri, kuno n'ewaabwe. Naye ffe olwo tusigale wa?

Buganda yali emaze okukola entegeka ekakasa nti buli muvubuka amala okusoma, Buganda ebeera emwetaaga nnyo. Yabafuniranga emirimu. Baatusomesanga obulungi obuli mu nsi yaffe n'abafuzi baayo. Obulungi n'obukulu obuli mu bika byaffe, tusigale nga tuli Abaganda abayigirize, abaagala ensi yaabwe, ate abakozi.

Bwe baamala okuzimba Bulange mu 1955, baatuyigirizanga akayimba akaali kawaana Bulange okukamala. Wamma nga oteekwa kugyagala, n'okwagala ekifo w'esangibwa. Kaayimbibwanga mu buli ssomero mu Buganda. Kaawalirizanga abantu okuva wonna mu Buganda, okugenda okulambula amakula gano. Buli eyavangayo, nga Buganda



emusigala ku mutima nga lufuba. Akayimba kaayiiyizibwa munnaffe eyalina ekitone ky'okuyiiya, ayitibwa Mwami Bugembe nga kagamba nti:-

Chr. (Omusaakaanyo):

"Emitwalo gy'ennyumba eziri e Kampala, n'e Makeerere,
Zonna kaakano Bulange y'ezitambuza,
Obuwanvu eringanga Gambalagala,
Ya Goloofa ya bbululu wansi mukene".

Ekyo kye kitundu ekiddiŋŋanwa, buli lw'omala okuyimba ebitundu ebiri mu luyimba luno. Ebitundu ebirala ebiri mu luyimba luno, bye bino:-

1. Eyalinga eya Yitiwe* kati biwero,
So ng'edda yokka ye yali eriwo,
Nga ne bw'oyima e Munyonyo gy'otunuulira,
Nga ngulumivu okukira ezaaliwo luli........

2. Namirembe ne Lubaga kaakano biswa,
Buli w'oyima zonna bwe zirabika,
So nno lwa kugundiira zaaliwo nazo,
Amazima ddala oguggwa teguba muka.......

3. Ebitongole ebirimu tebirojjeka,
Birimu njolo bingi byayitiirira,
Ekya Balooya e ky'Eggwanika eky'Amawulire,
Naamenya ki, naaleka ki, gendayo olabe...........

4. Okuyingira munda ofuuwa n'oluwa,
Leero n'olaba Kabaka w'alabikira,
Watemagana Abasajja baakola wano,
Ssaabasajja w'atuula walinga ekinya.........

5. Okutuuka mu kalina ekomererayo,
Okutuukayo omwezi gwaliweddeko,
Anti twandirinnyenga Gambalagala,
Naye mulimu ekyuma ekitukwakkula..........

* *White Way, kati ye drappers eyafuuka Crane Bank*